



قبر والوں کی ۲۵ حکایات (Luganda)

Ebyafaayo 25 ebikwaata ku malaalo

Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulaana Abu Bila

Muhammad Ilyas
Attar Qadiri Razavi

داتا محمد ایلّیّاس
القادیّریّ الرّازیّ



EBIKWAATA KU MALAALO

Akatabo kano kawandikibwa Shaykh-e-Tariqat Amīr-e-Ahl-e-Sunnat, omutandisi wa Dawat-e-Islami ‘Allāmah Maulānā Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دامت بركاتهم العالیة yabuulirira ku ‘Ghurbat kī Barakatayn’, i.e. Obulungi bw’obwaavu mu lulimi olu Urdu mu Ijtimā’ eyaliwo ku Lw’okuna, 9th Jumād al Aūlā 1410 AH, 7th December 1989, ku Madanī Markaz eyasookera ddala eya Dawat-e-Islami – ‘Jāmi’ Masjid Gulzār-e-Ḥabīb’ (esaanginbwa mu Gulistān-e-Okārvī Bāb-ul-Madīnah, Karachi). Olw’obuyambi bw’okubuulirira kwe kumu, wamu n’okugatako n’okukyusaamu, akatabo kakunga nyizibwa Majlis Al-Madīna-tul-‘Ilmiyyah mu lu Urdu era na kavvuunulwa Majlis-e-Tarājim (ekitongole ekivvuunula) mu lulimi Oluganda. Bw’osangamu ensobi yonna mukuvvuunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n’ekigendererwa ekyokufuna empeera. [Šawāb].

Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran, Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

UAN: ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 1262

Email: ✉ translation@dawateislami.net

أَحْمَدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةِ وَالسَّلَامِ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye:

اللَّهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَانْشُرْ
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

Okuvvunula:

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ owekitiibwa, Tuggulirewo olujji l'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

(Al-Mustatraf, vol. 1, pp. 40)

N.B: Saalira Nabbi ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

Transliteration Chart

ء	A/a	ژ	Řř	ل	L/l
ا	A/a	ز	Z/z	م	M/m
ب	B/b	ژ	X/x	ن	N/n
پ	P/p	س	S/s	و	V/v, W/w
ت	T/t	ش	Sh/sh		
ٹ	Ṭ/ṭ	ص	Ṣ/ṣ	ه / ه / ة	Ĥ/ĥ
ث	Ṣ/ṣ	ض	Ḍ/ḍ	ی	Y/y
ج	J/j	ط	Ṭ/ṭ	ے	Y/y
چ	Ch	ظ	Ẓ/ẓ	َ	A/a
ح	H/h	ع	‘	ُ	U/u
خ	Kh/kh	غ	Gh/gh	ِ	I/i
د	D/d	ف	F/f	و مدّه	Ū/ū
ڈ	Ḍ/ḍ	ق	Q/q	ی مدّه	Ī/ī
ذ	Ẓ/ẓ	ك	K/k	ا مدّه	Ā/ā
ر	R/r	گ	G/g		

Table of Contents

E Duwa Y’okusoma Ekitabo	ii
Transliteration Chart	iii

Ebyafaayo 25 ebikwaata ku malaalo Error!

Bookmark not defined.

1. Ekibonerezo kyasitulwa okuva ku ntaana 560.....	1
2. Liimbo yonna yasonyiyizibwa olw’okusaba kw’omulongoofu.....	3
Ebigambo bisatu ebya Mustafa ﷺ	5
3. ‘Umar Fārūq anyumya n’abantu b’entaana	5
Owange Omugezi! Emirimu emirungi gyokka gye gigenda nawe	6
Engeri y’okutuusa ekiramuso mu ntaana.....	8
Okuteeka ebimuli ku ntaana	9
Kiki kyolina okulowozaako mu malaalo?.....	10
4. Ebimuli bya Rooza oba emisota	10
Abafu mubaziike kumpi n’abalongoofu.....	12
5. Abafu mu malaalo bajja mu kirooto	13
Emyooyo gijja mu maka ate ne gisaba Īṣāl-e-Šawāb	13
6. Emikisa mbagirawo egya Šawāb.....	14
Amakulu g’okulaba omuntu omufu nga mulwadde mu kirooto	16
7. Yajja n’ennimi, ate singa... ..	17
Mu kusaba kw’abalumu, abafu basonyiyizibwa.....	17
8. Taata we omufu yajja mu kirooto nagamba nti... ..	18
9. Abafu mu ntaana baling abantu abantu abafiira mu mazzi	18
Entaana z’abazadde bweziba nga ziri mu makkati g’amalaalo, olwo... ..	19
Ebikwata ku kutuula kumpi n’entaana okusoma Quran Entukuvu.....	20
10. Ekyambalo ekiyakayakana	21
11. Ttule eyakayakana	21

Ebimuli bya Madani 4 ebya Isal-e-Sawab	22
Ekikolwa ekiteeka bonna abazikiddwa okubeera abawolerezi	22
Engeri y'okufuna empeera eyenkanankana n'omuwendo gw'abafu	23
12-13. Okulambula kwa Ghauš-e-A'zam eri amasiro ag'emikisa aga Imām we	24
Ebimuli bya Madanī 10 ebikwaata ku masiro g'aba Auliya (Abalongoofu)	26
Engeri y'okulambula amasiro amatukuvu	26
Durūd Ghaušiyah:	27
Okulambula amasiro kya Sunnah	27
Ebirungi bifunibwa okuva mu masiro ga ba Auliya	27
Tonywegera malaalo	28
Engeri y'okutuusa ekilamuso mu masiro g'abajulizi	28
Okuteeka Chādar (Olugoye oluwundidwa) waggulu w'amasiro	28
Okuzimba ekiyitirira (Dome) waggulu w'amasiro	29
Okukoleeza amataala mu masiro	30
Okukola Ṭawāf (okwetoolola) y'amasiro	30
Okuvunnamira amalaalo	31
14. Omuvubuka eyasomera Quran Entukuvu mu ntaana	31
15. Entaana ay'akawoowo	32
16. Omulambo n'eriiso eriyoonese	32
Buli Sahaba wakuyingira Ejjannah	33
17. Yasibwa mu kkomera ly'oluzzi olutategerekeka	34
N'omujulizi alina amabaanja taja kuyingira Jannah okutuusa	35
Okulangirira nga Ṣalāt-ul-Janāzah tennaba kuyimirizibwa	36
18. Amaaso geggulira mu ntaana	37
Mikwano gya Allah milamu n'oluvanyuma lw'okufa	37
19. Ekigere ky'embogo bwekyesogga mu ttaka	38
20. Okulabula eri oyo atuula ku ntaana	39
21. Yawulira eddoozi bweyalinya ku ntaana	39
22. Eyali aziikidwa yayogera noyo eyali yebase ku ntaana	39
23. Zuzukuka! Onnumya!	40

Okulinya ku ntaana kiri Ḥarām.....	40
Kiri Ḥarām okutambula mu kkubo erikoleddwa nga basaanyizaa entaana	41
Kiri Ḥarām okutambulira ku mwaliiro ogwetoolode amasiro nga gukoledwa mu kusanyaawo amalaalo.....	42
Okweyambira kumpi n’entaana	42
Omuntu bwaba nga alina okulinya ku ntaana okusobola okuziika omufu olwo...?	42
Okuteeka ebiwuka swiiti wansi mu malaalo.....	43
Okumaansa amazzi ku malaalo	44
Kulamula ki okuli ku kuziimba enyumba mu bigya ebikadde?	45
Amaguumba bwegalabwa mu malaalo amakade....?	46
Okulamula ku kuggulawo entaana olw’ekirooto	47
Abaana okuzanyira ku malaalo	49
24. Omuntu eyaggulawo entaana yafuuka muzibe	50
25. Omuntu eyaggulawo entaana yaziikibwa mulamu.....	50
Okulamula kw’okuziikira akaseera obuseera	51
Okuziika nga tolina lukusa mu poloti y’omuntu	52
Kiki ekirina okukolebwa singa essente ziziikibwa n’omufu?.....	54
Ebimuli bya Madanī 14 ebikwaata ku kulambula amalaalo.....	54
Engeri y’okutuusa ekilamusu mu malaalo	55
Eduwa okufuna okusabirwa okw’okusonyiyizibwa okuva ku buwumbi bw’abantu abafu.....	55
Ebiseera ebisinga obulingi okulambula ebigya (amalaalo).....	56
Okukoleeza akabaani/Awudi (Agarbattī) ku ntaana.....	57
Okuteeka omusubbaawa ku ntaana	57
Ebikwata ku ntaana etamanyiddwa oba ya musiraamu oba atali musiraamu.....	58

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

Ebyafaayo 25

EBIKWAATA KU MALAALO

Newankubade Shaytan ekuteeka okuwulira obugayaavu, soma ekitabo kano okuva kuntaandikwa okutuusa kunkomerero ng'omegga obukodiyo bwa Shaytan. **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**, obukkirizabwo buja kuzibwa obujja.

1. Ekibonerezo kyasitulwa okuva ku ntaana 560

'Allāmah Abū 'Abdullāh Muhammad bin Aḥmad Mālīkī Qurtūbī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِيّ yagamba: Omukyaala lumu yajja mu maaso ga Sayyidunā Ḥasan Baṣrī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِيّ n'asaba, 'Muwala wange yafudde. Nkusaba ombuulire ngeri kki gyenyiinza okumulabira mu kirooto.' Yamugamba kki eky'okkola. Era omukyaala oyo yalaba muwalawe eyafa mu kirooto, naye yali mu mbeera nti yali ayambaziddwa engoye ez'akolebwa mu 'colophony', yalina enjegere ezaali zimweto olodde obulago, ate ebigere bye byaali bisibiddwa wamu

byombiriri. Olwalaba entiisa eno, maama yatandiika okukaankana.

Olunaku olwaddako ekirooto kino yakigamba Sayyidunā Ḥasan Baṣrī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي eyanakuwala oluvanyuma lwoku kiwulira. Oluvanyuma lw'akaseera, Sayyidunā Ḥasan Baṣrī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yalaba omuwala mu kirooto kye eyali atudde ku nnamuloondo n'engule nga eteereddwa ku mutwee gwe. Olwamulaba, omuwala yaga,ba. 'Nze muwala w'omukyaala eyakugambye ku mbeera yange.' Sayyidunā Ḥasan Baṣrī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yamala nagamba, 'Yagambye nti obadde obonerezebwa Allah عَزَّوَجَلَّ! Ecuukacuuka eno yatuusewo etya?' Omuwala omufu yaddamu, 'Omuntu yayita kumpi n'amalaalo n'asoma eri Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, era kulw'emikisa gya Ṣalāt-'Alan-Nabī ye, ekibonerezo kyasitulwa okuva ku ntaana 560. (Derived from *Taẓkirah fī Aḥwāl-ul-Mautā-o-Umūr-il-Ākhirah*, vol. 1, p. 74)

Basūay kūay Madīnaḥ baṛḥo Durūd paṛḥo
Jo tum ko chāḥiye Jannat paṛḥo Durūd paṛḥo

Yolekera eri Madīnaḥ era soma Durūd
Bwooba ng'oyagala Jannaḥ, olwo nno soma Durūd

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

2. Liimbo yonna yasonyiyizibwa olw’okusaba kw’omulongoofu

Abaagalwa ab’oluganda abasiraamu, mu kino tuyiga nti okusoma Şalāt-‘Alan-Nabī kulimu emikisa mingi nnyo ate bweba ng’esomeddwa olulimi lw’omwagazi wa Nabbi Omutukuvu olwo nno ebirungi byaayo bibeera binene nnyo. Kisoboka nti ali musukkulumu mu maaso ga Allah (عَزَّوَجَلَّ), era olw’obulungi bw’okuyitaa kwe okumpi ne limbo n’okusoma Şalāt-‘Alan-Nabī, ekibonerezo kyajjibwa okuva ku bantu 560 abafu. Era kigasiza ddala ate kirungi okutwaala abaagazi ba Nabbi Omutukuvu olw’okuwa ekitiibwa eri entaana z’abo luganda bamwe era okubasaba okusindika Īşāl-e-Şawāb eyo. Kiki ekiyinza okwogerwa ku mikisa gy’ebigere by aba Auliya!

Lumu Sayyidunā Shaykh Ismā’il Ḥaḍramī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yayita mu biggya ebimu, yayimirira kumpi n’entaana emu era n’akaaba nnyo. Oluvannyuma lw’akaseera katono yatand ikirawo okumweenya. Bweyabuuzibwa kw’ekyo yagamba, ‘Nnalabye nti abantu ba limbo eno bali mu kubonerezebwa, era natandika okukaaba ennyo era n’ensaba Allah (عَزَّوَجَلَّ) abasonyiwe. Oluvannyuma nagambibwa: Genda! Tukkirizza okuwolerezaako eri abantu bano.’ Oluvanyuma lw’okwogera ekyo, yalaza eri entaana eyali eri mu nsoonda nagamba, ‘Omukyaala mu ntaana eyo yagambye, ‘Owange Faqīh

Ismā'il! Nnali muyimbi; nange nsonyiyibbwa?' Naddamu, 'Iyye, nnaawe oli mw'abo abasonyiyibbwa.' Eno y'ensoonga lwaaki mwenyezza. (*Sharḥ-uṣ-Ṣudūr*, p. 206)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ amusaasire era atusonyiwe kululwe nga tetubaliddwa!

أَمِينٌ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu, eddaala lya ba Auliya ab'emikisa رَحْمَتُهُمُ اللَّهُ السَّلَامُ lyewuunyisa! Embeera z'entaana baziraba, abasobola okwogera n'abantu b'entaana; ebibonerezo bijjibwawo olw'okusaba kwabwe. Abantu b'entaana bweba bayita, olwo abantu bano ab'emikisa babawulira era babayamba.

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ abasaasire era atusonyiwe kulwabwe nga tetubaliddwa!

أَمِينٌ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

Ĥam ko sārāy Auliya say piyār ḥay

إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ Apnā bayrā pār ḥay

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Ebigambo bisatu ebya Mustafa ﷺ

Naffe tulina olulambuula amalaalo era tulabe entaana z’abasiraamu, kubanga kino kiri Sunnaḥ, ngeri yakujjukira Akhirah, ngeri yakusonyiyizibwa eri sekinnoomu, ate kiganyulwa eri abantu abali mu ntaana. Ku kino, ebigambo bisatu ebya Mustafa ﷺ bitereddwa wano wansi:

1. Nnali mbaziyiza olulambula entaana, naye kati mulina okuziraambula kubanga eno ngeri yakubeera ow’empisa kuno ku nsi, ate kijjukiza ku Akhira. (*Sunan Ibn Mājah, vol. 2, p. 252, Ḥadīṣ 1571*)
2. Omuntu yenna bwayita ku ntaana y’omutu omulala gweyali amanyi kuno ku nsi ate n’amutoolera Salām, olwo nno omufu amutegeera ate ayanukula Salām ye. (*Tārīkh-ul-Baghdad, vol. 2, p. 135, Ḥadīṣ 3175*)
3. Ayo yenna alambula entaana z’omu oba bombi ku bakadde be buli lunaku Lw’okutaano, ajakusonyiyizibwa ate ajakuwandiikibwa ng’omuntu omulongoofu. (*Shu’ab-ul-Īmān, vol. 6, p. 201, Ḥadīṣ 7901*)

3. ‘Umar Fārūq anyumya n’abantu b’entaana

Amīr-ul-Mūminīn Sayyidunā Fārūq-e-A’zam رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ lumu yayita ku limbo emu nagamba, (السَّلَامُ عَلَيْكُمْ يَا أَهْلَ الْقُبُورِ!)

Emirembe gibeere ku mmwe, Abange abantu b'entaana!' Amawulirre amapya ennyo gali nti ba namwandu bammwe bazeemu okuwasibwa, abantu abapya baseenze mu nju zamwe, ate eby'obusika byamwe bimaze okugabwa.' Olwo nno eddoboosi lyawulirwa, 'Owange 'Umar! Amawulire gaffe amapya gali nti tufunye empeera y'emirimu gyaffe emirungi gyetwakola mu bulamu bwaffe, ate twafunye obulungi mu ssente zetwawaayo mu kkubo lya Allah (عَزَّوَجَلَّ), ate tufiiridwa nnyo mu ebyo byetwaleka ku nsi.'

(Sharḥ-uṣ-Ṣudūr, p. 209)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ amusaasire era atusonyiwe kululwe nga tetubaliddwa!

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Owange Omugezi! Emirimu emirungi gyokka gye gigenda nawe

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu labe obunene Amīr-ul-Mūminīn Sayyidunā Fārūq-e-A'zam رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ bwalina! Ku lw'okusaasirakwa Allah عَزَّوَجَلَّ ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yali ayogerezeganya n'abafu. Mu kyafaayo ekyo waggulu, mulimu ebimuli bya Madanī bingi nnyo ebirabula era n'eb yokul abirako naddala eri abo abalina omulugube

gw'essente n'emmaali, n'abo abazimbye amayumba amawanvu n'embiri ezetongodde.

Ah! Amaka g'oku nsi omuntu gafuula ag'amaanyi era amagumu, ate n'agawuunda mu ngeri esingayo, tegagya kubeera naye lubeerera. Mangu ddala abantu abalala baja kugaseenga mu. Abantu era bagya kutwaala emmaali n'ensibi mu baanka zeyafuna olw'entuuyo ze n'omusaayi gwe. Oluvanyuma lw'okufa, emmaali yokka eja okugasa y'eyo eyawebwa mu kkubo lya Allah عَزَّوَجَلَّ. Mu Sūrah Duhān, Ejjuzu 25, Ayaa 25-29, Allah عَزَّوَجَلَّ agamba:

كَمْ تَرَكُوا مِنْ جَنَّاتٍ وَعَيْونٍ ﴿٢٥﴾ وَزُرُوعٍ وَمَقَامٍ كَرِيمٍ ﴿٢٦﴾ وَنَعْمَةٍ كَانُوا
 فِيهَا فَاكِهِينَ ﴿٢٧﴾ كَذَلِكَ وَأَوْرَثْنَاهَا قَوْمًا آخَرِينَ ﴿٢٨﴾ فَمَا بَكَتْ عَلَيْهِمُ
 السَّمَاءُ وَالْأَرْضُ وَمَا كَانُوا مُنظَرِينَ ﴿٢٩﴾

Malimiro n'anzizi mmeka zebaleka emabega! N'ebibanja n'ebifo ebyebitiibwa! N'ebyengera byebaali bajagaira! Ekyo kyebaakola, ate ffe twateeka ekibinja ekirala okubasikira. Era nno eggulu n'ensi tebyabakaabira, era tebyanakuwala. How many gardens and water-springs they left behind! And fields and grand palaces! And favours amongst which they were rejoicing! That is what we did, and we made another nation

their heirs. So the heavens and the earth did not weep for them, and they were not given relief. [Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 25, Sūrah Dukhān, Verses 25-29)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Engeri y’okutuusa ekiramuso mu ntaana

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Buli bwemulambula amalaalo, mulina okuyimirira mu ngeri nti feesi yo etunuuulide feesi y’omufu aziikiddwa ate ng’omugoongo gutunude mu Qiblaḥ. Kati, lamusa bwaabati nga bwekiwandiiddwa mu *Tirmiḏī*:

السَّلَامُ عَلَيْكُمْ يَا أَهْلَ الْقُبُورِ
يَغْفِرُ لَنَا وَلكُمْ أَنْتُمْ سَلَفْنَا وَنَحْنُ بِالْآثِرِ

Translation: Abange abantu b’entaana, emirembe gibeere ku mmwe, ate Allah (عَزَّوَجَلَّ) abasaasire mwena, mwatusooka okujja, ate tulina kubagoberera.’ (Jāmi’ Tirmiḏī, Vol. 2, p. 329, Ḥadīṣ 1055)

- ❖ Mu kunyonyola amagezi emabega w’okulamusa ng’oli ku sayidi y’entaana ng’otunudde mu feesi, Imām-e-

Ahl-e-Sunnat, Imām Aḥmad Razā Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن agamba, ‘Bwooba ng’olaambula entaana, sigala mu maaso ga feesi y’omufu azikiddwa ate oyolekere ebigere bye osobole okubeera mu maaso g’okulaba kwe. Toyolekera ku sayidi y’entaana ey’omutwe kubanga kino kuteeka omufu okusitula n’okukyuusa omutwe akutunuulire. (*Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, p. 532*)

- ❖ Kaaba nnyo era saba okusonyiyizibwa ebibi byo n’ebyabo abali mu ntaana. Bwoba nga tosobola ku kaaba, fuula endabika yo olabike ng’akaaba.

Okuteeka ebimuli ku ntaana

Kirungi okuteeka ebimuli ku ntaana kubaga ebanga ebimuli ebyo bwebisigala nga biri fuleeshi ku ntaana, bija kukola Tasbīḥ (okutendereza Allah عَزَّوَجَلَّ) ate omutima gw’omufu guja kutebenkera. (*Rad-dul-Muhtār, Vol. 3, p. 184*)

- ❖ Mu ngeri y’emu tewali kibi mu kuteeka bimuli ku kkofini mu maziika. (*Bahār-e-Sharī’at, Vol. 1, p. 852*)
- ❖ Omuddo omugya oba omubisi tegulina kujibwa okuva wagulu w’entaana kubanga okusaasira kukka olwa Tasbīḥ yagwo ate omufu afuna okutebenkera.

Okwongerako, okujawo omuddo ogwo kibeera kutwaala ddembe lya mufu. (*Rad-dul-Muhtār, Vol. 3, p. 184*)

Kiki kyolina okulowozaako mu malaalo?

Bwoba ng’olambula amalaalo, mu kifo ky’okwogera ku kino ne kiri n’okwebinkira mu birowoozo eby’obubuyabuya, kola Fikr-e-Madīnah, i.e. jjukira okufa kwo ngawebala era ng;olowooza ku mirimu gyo. Jjukira ebibi byo, bwekiba kisoboka n’amaziga nga gakurukuta okuva mu maaso go, ate wetiise ng’olowooza ku bibonerezo by’omu ntaana. Wenenye mu maaso ga Allah عَزَّوَجَلَّ ate wefananyirize ddala mu mutima gwo nti bano abantu abafu bali bokka mu ntaana zabwe, kumpi nnyo nange njakulekebwa nzekka mu ntaana ey’ekizikiza mu ngeri y’emu. Okwongerako, jjukira ebigambo bino ebya Ḥadīṣ: كَمَا تَذِينُ تَدَانُ amakulu – *kyosiga ky’okungula!*

(*Al-Jāmi’-uṣ-Ṣaghīr, p. 399, Ḥadīṣ 6411*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

4. Ebimuli bya Rooza oba emisota

Sayyidunā Imām Sufyān Bin ‘Uyaynah رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba: عِنْدَ ذِكْرِ الصَّالِحِينَ تَنْزَلُ الرَّحْمَةُ ‘Okusaasira kwa Allah (عَزَّوَجَلَّ) kukka nga anatu abalongoofu bajjukiddwa.’

(*Hilyat-ul-Auliya, Vol. 7, p. 335, Ḥadīṣ 10750*)

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Bwekiba nga guno gw’emukisa ogw’okwogera ku balongoofu, olwo ddaala ki ery’okusaasira erikka mu kifo abalongoofu mwebali benyinni! Tewali kubusabusa, abaddu ba Allah abalongoofu basindika emikisa okuva mu ntaana zabwe, era n’omukisa gwabo abazikiddwa kumpi nabo gubeera mungi era gutemagana. Ku kino, kiwandikidwa ku lupapula 270 olw’ekitabo ky’empapula 561, ekiyitibwa ‘Malfūzāt-e-A’lā Ḥaḍrat’, ekyafulumizibwa ekitongole ekifulumya ebitabo ekyā Dawat-e-Islami, Maktaba-tul-Madinaḥ: ‘Nnawulira Ḥaḍrat Mīyān Ṣāḥib Qiblah رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ ng’agamba nti mu kifo ekimu entaana yeggula era nekisoboka okulaba omufu.

Waaaliwo ebimuli bya Rooza bibiri ebyaali bimwetolodde omubiri gwe ate bibiri nga biri ku nyindo ye. Abengana be, nga balowooza nti entaana yali yeggude olw’okwonoonebwa amazzi, baasima entaana empya ewalala era omulambo nebaguteeka mu. Kati bwebatunula baalaba nti emisota ebiri (eminene ennyo, Ssesota) gyaali gimwetolodde omubiri gwe era nga giluma ffeesi ye n’amanyo gagyo. Abantu batya nnyo, era kino bwekyabulirwa omuntu omu eyali alina omutima omutangaavu, yagamba, ‘Emisota egyo nagyo gyaaliwo wali (atageeza mu ntaana eyasooka); naye wali yali ali kumpi n’entaana ya mukwaano gwa Allah, olw’emukisa egyo ekibonerezo ekyo nekifuuka okusaasira.

Emisota egyo gyafaanana omuti gwa Rooza ate amannyo gagyō negafaanana Rooza. Bwemuba mwagala obulungi eri oomufu ono olwo mu muzeeyo mu muziike (awasooka).’ Bwe baamuzayo wali, omuti gwe gumu ogwa Rooza gwelabika ne Rooza y’omu.

Abafu mubaziike kumpi n’abalongoofu

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Newankubadde tewali kubuusabuusa nti kikirizibwa okuziika abafu kumpi n’abanganda babwe, omuntu bwabeera wamukisa ennyo okufuna ekifo eky’okuziikiba okumpi ne mukwaano gwa Allah yenna olwo nno ekyo kirungi nnyo. Buli byo abafu babaziika kumpi n’abanganda babwe abafu. Imām of Aĥl-e-Sunnat, Imām Aĥmad Razā Khān رَحْمَةُ الرَّحْمَنِ yagamba, ‘Muziike abafu bamwe kumpi n’abantu abalongoofu kubanga kulw’emikisa gyabwe, abafu bamwe tebaja kubonerezebwa هُمُ الْقَوْمُ لَا يَشْفَى بِهِمْ جَلِيْسُهُمْ bano kibinja ky’abantu abo nti n’abo abasigala kupi nabo tebafuna kugera kubi. Kigambibwa mu Ḥadiš emu: **أَدْفِنُوا مَوْتَاكُمْ وَسَطَ قَوْمِ الصَّالِحِينَ** amakulu, *‘Abafu bamwe mu baziike mu balongoofu.’*

(Al-Firdaus Bimā Šaur-ul-Khiṭāb, Vol. 1, p. 102, Ḥadiš 337)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

5. Abafu mu malaalo bajja mu kirooto

Omusajja omu yalina enkola y’okugenda mu malaalo natuula wansi, ate buli maziika agaali gaze yali yetaba mu kusaala, ate olweggulo yali ayimirira ku ggeeti y’amalaalo nagamba bino, ‘Abange abantu b’entaana! Nsaba Allah (عَزَّوَجَلَّ) ababudebude, abeera n’okusaasira ku mbeera yamwe embi, abasonyiwe ebibi byammwe ate akkirize emirimu gyamwe emirungi!’

Omuntu oyo yenyini yagamba, ‘Olwegulo lumu nakomawo ewaka nga simaze kumala kugendako mu malaalo nga buli gyo, nnakomawo nga sibasabidde. Ekiro ekyo nnalaba ekibinja ky’anatu abangi mu kirooto kyange. Nababuuza, ‘Mwe b’ani ate lwaaki muzze?’ Baddamu, ‘Ffe bantu b’amalaalo. Wali okifude kya buli gyo nti wali otuwa ekirabo nga tonaddayo ewaka buli gyo.’ Nnagamba, ‘Ekirabo ekyo kyaali kki?’ Baddamu, ‘Kyali kirabo kya kutusabira.’ Namala nengamba, ‘Kale. Okuva kati lubeerera njakuddamu okusiindika ekirabo kino.’ Okuva kw’olwo saddamu kuleka mulimu gwange ogwo ogwa buli gyo.’ (*Sharah-us Sudūr, p. 226*)

Emyooyo gijja mu maka ate ne gisaba Iṣāl-e-Šawāb

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Mu kino tuyiga nti abafu bamanyi abo abajja ku ntaana zabwe ate bafuna omugaso

okuva mu kusaba kw'abo abalamu. Ebirabo bya Īṣāl-e-Šawāb bwebirekera awo okujja bakitegeera ate Allah عَزَّوَجَلَّ abawa obusobozi okugenda mu maka era nebasaba Īṣāl-e-Šawāb. Ku lupapula 650 olwa voliyumu eya 9 eya Fatāwā Razawiyah, A'lā Haḍrat, Imām of the Aḥl-e-Sunnat, Omuza obujja ow'ediini, Imām Aḥmad Razā Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمَنِ yagamba: Kiwandikidwa mu 'Gharāib' ne mu 'Khazānah' nti emyooyo gy'abakkiriza gilambula amaka gabwe buli kiro kya Olw'okuna, ku lunaku kwa Eid, ku lunaku lwa 'Āshūrā, ne ku Shab-e-Barā'at (Nisfu Sha'ban), era giyimirira wabweru w'amaka gawbe.

Emyooyo giyita mu maloboozi agawaggulu era amana kuwavu, 'Abange abantu b'amaka gange! Abange mwe abaana bange! Abange mwe ab'engana zange! Mutukolere ekintu ky'okusaasira era muweeyo Sadaqa (okugaba) nekigendererwa kya Īṣāl-e-Šawāb eri ffe.'

(Fatāwā Razawiyah, Vol. 9, p. 650)

6. Emikisa mbagirawo egya Šawāb

Mu kufuna emikisa mbagirawo egya Īṣāl-e-Šawāb, 'Allāmah 'Alī Qārī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْبَارِي yagamba: 'Shaykh Akbar Mu'inuddīn Ibn 'Arabī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى lumu yayitibwa awantu awamu okulya ekijjulo. Yalaba omusaja omuvubuka eyali alya. Nga kyali kimanyidwa nnyo nti yali alina okumanya kw'ebyomwooyo

ate nti yali amanyi ebikwata ku Jannah n’Omuliro. Bweyali ng’alya, mbagirawo yatandika okukaaba ennyo. Bweyabu uzibwa ensonga lwaki akikoze nagamba nti kyali kubanga maama we yali ayokyebwa mu Muliro. Shaykh Akbar Mu’inuddīn Ibn ‘Arabī رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ يالي yasoma Kalimah̄ Ṭayyibah̄ emirundi 70,000 era empeera yazo yazisindikira mu mutima gwe eri maama omufu ow’omusajja oyo. Mu mbagirawo, yatandika okumweenya ate nagamba nti yali alaba maama we mu Jannah.’

(Mirqāt-ul-Mafātīh, Vol. 3, p. 222, Ḥadīṣ 1142)

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Mulabye! Omuvubuka yali alaba embeera y’ebintu ebyekweese ku lw’okumanya kwamagezi gw’ebyomwooyo! Embeera y’omufu yakyukirawo yonna olwa Ḥadīṣ eyogera ku bulungi bw’okusoma Kalimah̄ Ṭayyibah̄ emirundi 70,000 eri bweti: Kigamba kya Nabbi Ow’ekitiibwa, ‘Tewali kubuusuusa, oyo yenna asoma: لَا إِلَهَ إِلَّا اللهُ emirundi 70,000 aja kusonyiyizibwa Allah (عَزَّوَجَلَّ) ate oyo gwebasomedde naye aja kusonyiyizibwa.’ *(Mirqāt-ul-Mafātīh, Vol. 3, p. 222, Ḥadīṣ 1142)*

Naffe tulina okugezaako okusoma Kalimah̄ Ṭayyibah̄ emirundi 70,000 waakiri omulundi gumu mu bulamu bwaffe. Abo abantu nga abantu babwe baafa balina okusoma Kalimah̄ eno ate basindike empeera eri abafu babwe.

Sikyatteeka okumala olusoma lwa Kalimaĥ eno mu lutuula lumu wabula esobola okumalibwa akatundu katono mu kiseera ekimu. Bwesomwa emirundi 100 buli lunaku omuwendo gwonna gujakugwayo mu myaaka 2.

Amakulu g’okulaba omuntu omufu nga mulwadde mu kirooto

Kigambibwa nti okuloota omuntu omufu mu mbeera nti ali munyivu, mulwadde oba nga ali bwerere (etc.) kiraga nti omuntu oyo ali mu kubonerezebwa. Nolw’ekyo, omuntu yenna bwalaba Omusiraamu omufu mu mbeera eyo, alina okumusindiiraa Īṣāl-e-Şawāb. Ku kino, wano waliwo ekibuuzo ekiza obuja obukkiriza ate nga kisomesa ddala ku lupapula 139 olw’ekitabo ky’empapula 561, ekiyitibwa ‘Malfūzāt-e-A’lā Haḍrat رَحْمَةُ الرَّحْمٰن عَلَيْهِ’ ekyafuumizibwa ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami ekiyitibwa Maktaba-tul-Madinaĥ:

Ekibuuzo: Ow’ekitiibwa! Omusajja yalaba muwala we omufu mu kirooto mu mbeera nti yali mulwadde nga ali bwerere ate alabye ekirooto kino emirundi mingi nnyo.

Okwanukulwa: Kalimaĥ Ṭayyibaĥ eyo bwesomwa emirundi 70,000, ne Ṣalāt-‘Alan-Nabī ku ntandikwa ne ku nkomerero ate empeera nesindikibwa, إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ kija kufuuka engeri

y’okwesiima eri omusomi ate n’oyo gwebasindikide, ate omusomi ajakufuna empeera nga yamirundi ebiri. Empeera bwagisindikira abantu babiri, ajakufuna empeera ya mirundi esatu. Mu ngeri eno, empeera esobola okusindikibwa eri obukadde bw’abasiraamu, era n’abasiraamu bonna abasajja n’abakyaala, era ku kino omusomi ajakuweebwa nga bwekisaana.

7. Yajja n’ennimi, ate singa...

Omusajja yalaba muganda we omufu mu kirooto namubuuza, ‘Kiki ekyatuukawo ng’omaze okuziikibwa mu ntaana?’ Yaddamu, ‘Omusajja yajja gyendi n’ennimi z’omuliro, ate singa oyo eyasabira, yali nga teyansabira olwo nno yali agenda ku gunkasukira buterevu.’ (*Sharh-us-Şudūr*, p. 281)

Mu kusaba kw’abalamu, abafu basonyiyizibwa

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Mu kino tuyiga nti abasiraamu abafu baganyulwa okuva mu kusaba kw’abalamu. Ku kino, kiwandikiddwa ku lupapula lwa 397 olw’ekitabo ky’empapula 419 ekyafulumizibwa ekitongole kya Dawat-e-Islami ekifulumya ebitabo, Maktaba-tul-Madinah, ekiyitibwa, ‘Madani Treasure of Blessings’: Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَالْآلِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Ummah yange eja kuyingira entaana zabwe n’ebibi byabwe naye baja kifuluma mu ntaana zabwe nga

tebalina bibi, kubanga ebibi byabwe bija kusonyiyizibwa olw’obulungi bw’okusaba kw’abasiraamu (Edduwa zabwe).’

(Mu’jam-ul-Awsaṭ, Vol. 1, p. 509, Ḥadīṣ 1879)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

8. Taata we omufu yajja mu kirooto nagamba nti...

Sayyidunā Imām Sufyān bin ‘Uyāinah رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Taata wange bweyafa, nakaaba nnyo. Nalambula nga entaana ye buli lunaku. Akaseera bwekayita natandika okulambula emirundi mitonoko. Olwo nno, olunaku lumu taata wange omufu yajja mu kirooto kyange nagamba: ‘Owange mutabani wange! Lwaaki oluddewo?’ Nabuuza, ‘Omanyi okujakwange (mu ku kulambula)’ Yaddamu, ‘Lwaki nedda? Manyi buli kulambula kwo. Nali nsanyuka nnyo okkulabako, ate balilwaana abafu nabo baali basanyufu nnyo olw’okusaba kwo. (Edduwa zo).’ Oluvannyuma lw’ekirooto ekyo natandika okulambula entaana ya taata wange omufu nga nkiddingana.’

(Sharḥ-uṣ-Ṣudūr, p. 227)

9. Abafu mu ntaana baling abantu abantu abafiira mu mazzi

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Tuyize nti abafu basanyukira okulambula, okusaba ne Īṣāl-e-Ṣawāb okuva mu

b'enganda zabwe n'emikwaano, ate balindirira abo ab'enganda abataze. Nabbi Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Embeera y'omufu eringa omuntu afiira mu mazzi, kubanga alindirira mu nnaku enyingi Edduwa okuva ewa taata we, maama, muganda we oba mukwaano gwe ebeere nga emutuuka ko, ate Edduwa y'omuntu yenna bwemutuuka ko, olwo nno eri ye, kisinga ensi yonna nabuli kimu ekigirimu. Allah (عَزَّوَجَلَّ) Omusukkulumu ddala awa empeera egabiddwa eri omufu okuva ku b'enganda mu kifananyi ky'ensozi. Ekirabo ky'abalamu kw'ekusabira abafu basonyiyizibwe.'

(Shu'ab-ul-Īmān, Vol. 6, p. 203, Ḥadīṣ, 7905)

Entaana z'abazadde bweziba nga ziri mu makkati g'amalaalo, olwo...

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu, bessiiemye nnyo ddala abo abatabani abalambula entaana z'abazadde babwe abafu. Naye, jjukira ennamula nti bwekiba tekisoboka kutuuka ku ntaana z'abazadde (oba ez'abalala) nga temulinyiride ntaana ndala, olwo nno Fātiḥah erina okusomerwa ewala ko. Kino kiri nti kubanga kikulwa kya Mustahab (recommended) okulambula entaana z'abalongoofu oba entaana z'abakadde naye kiri Ḥarām okulinya ekigere ku ntaana y'Omusiraamu. Tekikkirizibwa mu Shari'ah kukola kikulwa kya Ḥarām olw'ekikulwa ekya Mustahab. Imām of Aḥl-e-Sunnat, Mujaddid wa Ummaḥ, Imām Aḥmad Razā Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمَنِ yawandiika

ku lupapula olwa 524 olwa voliyumu eya 9 eya Fatāwā Razawiyyaḥ: ‘Kyatteeka okusooka okulaba bwoba ng’ogenda okulambula entaana yonna bwewabaayo ekkubo erikadde erikutwalayo (eritalina kuba nga lyakolwa oluvanyuma lw’okwonoona entaana yonna). Bwekiba nga okutuuka yo kusoboka kwokka ng’olinyiride entaana endala, tekikir izibwa. Yimirira ku kkubo akagendo katono, tunuulira entaana eyo, era kola Īṣāl-e-Šawāb.’ (*Fatāwā Razawiyyaḥ, Vol. 9, p. 524*)

Ebikwata ku kutuula kumpi n’entaana okusoma

Quran Entukuvu

Ekibuuzo kyabuuzibwa eri Imām Aḥmad Razā Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن ku kino era kyo n’okwanukula bitereddwa wano wansi:

Ekibuuzo: Kikkirizibwa okusoma Quran Entukuvu oba Panj Sūrah yonna mu malaalo kumpi n’entaana.

Okwanukula: Okusoma Quran okuva mu mutima oba ng’ogiraba kikkirizibwa mu ngeri yonna (kubanga olw’okugisoma emikisa gikka wansi awo, ate omutima gw’omufu gutebenkera), bwekiba nga kikoledwa okufuna okusiimibwa kwa Allah عَزَّوَجَلَّ.

Totuula ku ntaana, eratolinya ku ntaana yonna okutuuka ku ntaana eyo. Bwekiba nga tekisoboka kutuuka ku ntaana yonna

nga tolinyiride ntaana ndala, olwo nno kiri Ḥarām okusemberera entaana eyo okusoma. Quran gisomere busomezi okuva ku kagendo nga tolinyiride ntaana yonna.

(Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, pp. 524-525)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

10. Ekyambalo ekiyakayakana

Omulongoofu omu yalaba muganda we omufu mu kirooto namubuuzza: ‘Edduwa z’abalamu zibatuukako?’ Yaddamu, ‘Iyye, ndayira Allah (عَزَّوَجَلَّ)! Zijja mu ngeri y’ekyambalo ekiyakayakana era netukyambala.’ *(Sharḥ-uṣ-Ṣudūr, p. 305)*

11. Ttule eyakayakana

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Tuyize nti Edduwa ne Īṣāl-e-Ṣawāb zetukola, zituuka ku basiraamu abafu mu ngeri efaanana obulungi ennyo olw’okusaasira kwa Allah (عَزَّوَجَلَّ). Nolw’ekyo, tulina okugenda mu maaso okukola Īṣāl-e-Ṣawāb eri abantu baffe abaafa ate eri abasiraamu bonna. Kiwandikiddwa mu Sharḥ-uṣ-Ṣudūr, ‘Omuntu bw’akola Īṣāl-e-Ṣawāb eri omufu, Sayyidunā Jibrīl عَلَيْهِ السَّلَام agiteeka ku ttule eyakayakana era nagitwaala ku nsoonda y’entaana. Ayimirira awo nagamba, ‘Owange ggwe ali mu ntaana! Ab’engada bo basindise ekirabo kino, kikkirize.’ Bwawulira

kinu, omufu asanyuka nnyo, ate balirwaana abafu mu ntaana endala banakuwala olw’obutafuna ekyo.’

(*Sharḥ-uṣ-Ṣudūr*, p. 308)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Ebimuli bya Madani 4 ebya Isal-e-Sawab

(Okuteeka entaana y’omufu okubeera entaangaavu)

1. Bwoba ng’oyagala okulambula amasiro g’omulongoofu oba amalaalo g’omusiraamu yenna, olwo nno kiri Mustahab okusaala Rak’at bbiri eza Nafl (kyeyagalire) Ṣalāh (bwekiba nga tekiri mu kiseera kya Makruḥ) ewaka wo. Mu buli Rak’at, soma Ayāt-tul-Kursī omulundi gumu ne Sūrah Ikhlaṣ emirundi esatu oluvanyuma lwa Sūrah Fātiḥah ate osindike empeera ya Ṣalāh eno eri omufu oyo entaana ye gy’ogenda okulambula. Allah عَزَّوَجَلَّ ajakuteeka ekitangaala mu ntaana y’omufu oyo ate ajakuwa empeera nnene nnyo eri oyo esindika empeera eyo. (*Fatāwā ‘Ālamgīrī*, Vol. 5, p. 350)

Ekikolwa ekiteeka bonna abazikiddwa okubeera abawolerezi

2. Omuwolerezi wa Ummaḥ, Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: “Oyo yenna ayingira amalaal

n’asoma Sūrah̄ Fātiḥah̄, Sūrah̄ Ikh̄lāṣ ne Sūrah̄ Takāṣur era nasaba Edduwa eno: ‘Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ! Kyona kyensomye okuva mu Quran Entukuvu, empeera ezo ziwe abasiraamu bonna abasajja n’abakyaala abazikiddwa mu malaalo gano.’ Olwo nno bonna bajja kumuwolereza ku Lunaku lw’enkomerero.’ (*Sharḥ-uṣ-Ṣudūr*, p. 311)

Engeri y’okufuna empeera eyenkanankana n’omuwendo gw’abafu

1. Kigambibwa mu Ḥadiṣ emu: ‘Oyo yenna asoma Sūrah̄ Ikh̄lāṣ emirundi 11 ate naweereza empeera y’ebirungi byayo eri abafu, ajakusasulwa empeera eyenkanankana n’omuwendo gw’abafu abo.’ (*Al-Jam’-ul-Jawāmi’ lil Suyūṫī*, Vol. 7, p. 285, Ḥadiṣ 23152)
2. Īṣāl-e-Ṣawāb nayo esobola okukolebwa mu ngeri eno: Genda mu malaalo, soma Sūrah̄ Fātiḥah̄, soma okuva ku صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ okutuusa ku مُقْلِحُونَ, Ayāt-tul-Kursī, أَمَرَ الرَّسُولُ okutuusa ku nkomerero ya Sūrah̄, Sūrah̄ Yāsīn, Sūrah̄ Mulk, ne Sūrah̄ Takāṣur omulundi gumu gumu, ne Sūrah̄ Ikh̄lāṣ (Sūrah̄ yonna) emirundi 12, 11, 7, oba 3.

(*Bahār-e-Sharī’at*, Vol. 1, p. 849)

صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

12-13. Okulambula kwa Ghauš-e-A'zam eri amasiro ag'emikisa aga Imām we

Ghauš-e-A'zam waffe عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْاَكْرَمِ yali mu Ḥanbalī, ekitegeeza nti yali Muqallid wa Imām Aḥmad bin Ḥanbal رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ (omugoberezi w'ensomesa ya Ḥanbalī mu Fiqh). Ghauš-e-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْاَكْرَمِ yali alambula amalaalo ate naddala amasiro ag'emikisa ag'abalongoofu. Ku kino, Shaykh 'Alī bin Ḥaitmī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yagamba,

'Lumu nail nambude amasiro ag'emikisa aga Imām Aḥmad bin Ḥanbal رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ mu kinywi ekitukuvu ekya Sayyidunā Shaykh 'Abdul Qādir Jilānī قُدَّسَ سِرُّهُ التُّورَانِي ne Shaykh Baqā bin Baṭu رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ, wenalaba nga Sayyidunā Imām Aḥmad bin Ḥanbal رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ avaayo mu ntaana ye ey'emikisa, nagwa mu kifuba kya Shaykh 'Abdul Qādir Jilānī قُدَّسَ سِرُّهُ التُّورَانِي, n'amuwa elyambalo ky'ekitiibwa, era nagamba: 'Owange 'Abdul Qādir! Abantu bonna baja kwesigamirako okufuna okumaya kwa Sharī'ah (Amateeka g'obusiraamu) ne Tarīqah (Eby'omwoyo eby'obusiraamu).' Oluvanyuma nagenda na Shaykh 'Abdul Qādir Jilānī قُدَّسَ سِرُّهُ التُّورَانِي mu masiro ag'emikisa aga Sayyidunā Shaykh Ma'rūf Karkhī رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ awo Shaykh 'Abdul Qādir Jilānī قُدَّسَ سِرُّهُ التُّورَانِي yagamba, اَلْسَّلَامُ عَلَيْكَ يَا شَيْخُ, مَعْرُوفُ! عَدْرَتَاكَ بِدَرْجَتَيْنِ Ekitegeeza, 'Owange Shaykh Ma'rūf! Emirembe gibeere ku ggwe. Tukuyiseeko amadaala abiri.'

Sayyidunā Shaykh Ma'rūf Karkhī رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ يaddiramu mu ntaan ye, وَعَلَيْكَ السَّلَامُ يَا سَيِّدَ أَهْلِ زَمَانِهِ, Ekitegeeza: 'Nawe emirembe gibeere ku ggwe, Owange Mukulembeze w'abantu b'ekiseera kyo.' (*Qalāyid-ul-Jawāhir*, p. 39)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ abasaasire era atusonyiwe kulwabwe nga tetubaliddwa!

أَمِينٌ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu kino tuyiga nti, newankubade tuvudewo ku nsi eno, abalongoofu balamu mu masiro gabwe ag'emikisa, nga Imām Aḥmad bin Ḥanbal رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yafuluma entaana ye ey'ekitiibwa nagwa mu kifuba kya Shaykh 'Abdul Qādir Jilānī رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ era nabwekityo Sayyidunā Shaykh Ma'rūf Karkhī رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yaddamu ekiramuso kye mu masiro ge amatangaavu mu ngeri nti yawulikika n'ewabweeru wago.

*Gyonna emikwaano gya Allah egyakusooka oba eginaja oluvanyuma lwo
Gyonna girina mu ntobo y'emitima gyabwe okwagala okwenkizo eri ggwe
(Hadāiq Bakhshish)*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Ebimuli bya Madanī 10 ebikwaata ku masiro g’aba Auliyā (Abalongoofu)

Engeri y’okulambula amasiro amatukuvu

1. Buli lwolambula amasiro amatukuvu, gasemeberere ku ludda lw’ebigere oyolekere era oyimirire mumaaso ga feesi ku buwanvu obw’ebigere nga bina (4) era otuuse okulamusaa kwo mu ddooboozi ely’awakati mu ngeri eno: **السَّلَامُ عَلَيْكَ يَا سَيِّدِي وَرَحْمَةُ اللَّهِ وَبَرَكَاتُهُ**, oluvanyuma soma Durūd Ghaušiyyaḥ emirundi 3, Sūrah Fātiḥah omulundi gumu, Ayāt-tul-Kursī omulundi gumu, Sūrah Ikhlaṣ emirundi musanvu, Durūd Ghaušiyyaḥ emirundi musanvu, ate akaseera wekabaawo, soma Sūrah Yāsin ne Sūrah Mulk nayo, ate oluvanyuma osabe Allah **عَزَّوَجَلَّ** mu ngeri eno:

‘Ayi Mukama wange! Mpa empeera y’olusoma luno ng’osinziira ku bugabi bwo, so si ku kikolwa kyange, ate gisindike ng’ekirabo okuva ku nze eri omuntu ono akkirizidwa.’ Oluvanyuma saba ekintu kyona kyoyagala ekikirizibwa, ng’oteeka omwooyo gw’omulongoofu oyo mu maaso ga Allah **عَزَّوَجَلَّ** nga Wasilah (obutabaganya). Oluvanyuma lamusa neera nga waggulu ate oddeyo.

(Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, pp. 522)

Durūd Ghaušiyah:

اللَّهُمَّ صَلِّ عَلَى سَيِّدِنَا وَمَوْلَانَا
مُحَمَّدٍ مَعْدِنِ الْجُودِ وَالْكَرَمِ وَإِلَيْهِ وَبَارِكْ وَسَلِّمْ

(*Madanī Panj Sūrah*, p. 260)

Okulambula amasiro kya Sunnah

1. Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yali alambula amalaalo ab'emikisa ag'abajulizi ab'olutalo lwa Uhud era yali abasabira. (*Muṣannaf 'abd-ur-Razzāq, Vol. 3, p. 381, Ḥadīṣ 6745; Tafsīr Ad-Dur-rul-Manšur, Vol. 4, p. 640*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Ebirungi bifunibwa okuva mu masiro ga ba Auliya

1. Ba Fuqaḥā (Abakenkufu mu mateeka g'obusiraamu) ab'ebitiibwa bagamba, 'Kikkirizibwa okulambula amasiro ag'emikisa aga ba Auliya n'abatusooka abalongoofu, ate bayamba era bagasa oyo alambula amasiro.' (*Durr-e-Mukhtār, Vol. 3, p. 178*)

Tonywegera malaalo

1. Tewetaba mu mbooji etagasa ng’oli ku lugendo okugenda eri amasiro. (*ibid*)

Tonywegera malaalo era togateeka ko ngaloozo, wabula yimirira akagendo katonno okuva ku ntaana eyo.

(*Fatāwā Razawiyyah, vol. 9, pp. 522-526*)

Engeri y’okutuusa ekilamuso mu masiro g’abajulizi

1. Bwoba ng’olambula amasiro ag’emikisa ag’abajulizi, tuusa ekilamuso mu ngeri eno:

سَلَامٌ عَلَيْكُمْ بِمَا صَبَرْتُمْ فَنِعْمَ عُقْبَى الدَّارِ

Translation: Emirembe gibeere ku mmwe olw’obugumikiriza bwammwe, ate ng’obuddo bulungi nnyo obw’obulamu obw’oluvanyuma! (*Fatāwā ‘Ālamgīrī, Vol. 5, p. 350*)

Okuteeka Chādar (Olugoye oluwundidwa) waggulu w’amasiro

1. Kikkirizibwa okuteeka olugoye oluwundidwa waggulu w’amasiro ag’emikisa aga ba Auliyā n’abalongoofu, bwekiba nga ekigendererwa kya kino kusiga kitiibwa eri omulongoofu oyo mu bantu bonna basobole okubawa

ekitiibwa era bafune emikisa okuva ku bbo. (*Durr-e-Mukhtār, Vol. 9, p. 599*)

Okuzimba ekiyitirira (Dome) waggulu w’amasiro

1. Kisinga ko obulungi obuta teeka nkokoto ku ntaana. Tekikkirizibwa mu Sharī’ah okuteeka omuzimbo waggulu w’entaana y’omusiraamu wa buli gyo kubanga kino kikolwa kya kwonoona nsimbi. Naye, kikkirizibwa okuzimba emizimbo oba ekiyitirira waggulu w’amasiro ag’emikisa aga ba Auliyā n’ebigendererwa ebirungi. Kiwandikiddwa ku lupapula lwa 418 olwa voliyumu 9 eya Fatāwā Razawiyah: ‘KIwandikiddwa mu Kashf-ul-Ghiṭā, n’okunokola okuva mu Muṭṭalib-ul-Muminīn, nti ba Salaf (abatusooka abalongoofu) bakitwaala nti kikkirizibwa okuzimba emizimbo waggulu w’amasiro g’abamanyi abaatikiivu n’abalongoofu abantu basobole okulambula era batuule bawummulire mu. Naye, bwebikolebwa bukolebwi olw’okwewunda ne malidaadi olwo nno kiri Ḥarām.’

Mu biseera ebyedda, ebiyitirira (domes) byali byazim bibwa ku ntaana ez’amikisa eza ba Ṣaḥābah عَلَيْهِمُ الرِّضْوَانُ mu Madīnah-tul-Munawwarah. Kino kirabirwa ddala nti okuzimba kuno kwali kulina kubaawo kubanga kwaali kukkirirziwa, ate waliwo ekiyitirira ekiwanvu waggulu

w'ekifo eky'emikisa awawumulidde Nabbi Omutukuvu
صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Okukoleeza amataala mu masiro

1. Bwewabawo obulungi bwonna mu ku koleeza amataala nga waliwo Masjid kumpi nekifo awali entaana eyo, oba entaana zisangibwa kumpi n'ekkubo, omuntu bwaba nga atuula wo, oba ng'amasiro ago ga mukwaano gwa Allah oba omumanyi omwatikiivu, olwo nno amataala gayinza okukoleezebwa awo okuwa ekitiibwa eri emyooyo gyabwe egy'emikisa egitangaaza ensi, mu ngeri y'emu nga enjuba bwetangaaza ensi. Ensonga ya kino eri nti abantu bamanye nti gano masiro gamulongoofu, basobole okufuna emikisa okuva mu ggo era basabe Allah عَزَّوَجَلَّ okusaba kwabwe ku kkirizibwe (kwanukulwe). Ekikolwa kino kikkirizibwa era tekiyinza kuziyizibwa mu mateeka, ate ebikolwa biteendwa olw'ebigendererwa. (*Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, p. 490; Al Hadīqat-ul Nadiyyah, Vol. 2, p. 630*)

Okukola Ṭawāf (okwetoolola) y'amasiro

1. Tekikkirizibwa kukola Ṭawāf ku ntaana yonna n'eki gendererwa eky'okuwa ekitiibwa. (*Bāḥar-e-Sharī'at, Vol. 1, p. 850*)

Okuvunnamira amalaalo

1. Okuvunnamira amalaalo olw’okugawa ekitiibwa kiri Ḥarām, ate bwelikolebwa n’ekigendererwa ky’okusiinza, kio kiri Kufr (Obutakkiriza). (*Fatāwā Razawiyyah, Vol. 22, p. 423*)

14. Omuvubuka eyasomera Quran Entukuvu mu ntaana

Abun Naḍr Nīshā-pūrī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي، eyali omulongoofu asima entaana, yagamba, ‘Lumu nasima entaana naye ekkubo eridda ku ntaana eyali egiriraanye lyayonoonwa mu kusima okwo. Nalaba omuvubuka anyirira eyali ayambadde engoye ez’ebbeeyi era nga zinyirira nnyo n’akawoowo akasuffu ng’atudde asaze amagulu ng’asoma Quran Entukuvu. Bweyandaba, omuvunuka yagamba, ‘Olunaku lw’enkomerero lutuuse?’ Naddamu, ‘Nedda’, era namala nagamba, ‘Zaawo ettaka lyewajeewo mu kifo kyalyo’, era nalizaawo ettaka (walyali lirina okuba ku ntaana).’ (*Sharḥ-us-Ṣudūr, p. 192*)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ amusaasire era atusonyiwe kululwe nga tetubaliddwa!

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Allah عَزَّوَجَلَّ Owaggulu ennyo akuuma emibiri gy’aba Nabbi be, abalongoofu, n’abantu ab’enjawulo ne mu ntaana ate abawa emikisa n’okugaba kungi ku bbo. Bano abantu ab’ebitiibwa bafuna obuwoomu mu kusinza Allah عَزَّوَجَلَّ ne munda w’amasiro

gabwe. Allah عَزَّوَجَلَّ ateeke amasiro gano ag'emikisa okubeera amanyirivu ennyo, era oluusi kino akiyoleseza abantu ba buli gyo okubazeemu amaanyi.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

15. Entaana ay'akawoowo

Sayyidunā Imām Ibn Abid Duniyā رَحِمَهُ اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba nti Sayyidunā Mughīrah bin Ḥabīb رَحِمَهُ اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ yagama nti akawoowo kaali kava mu ntaana emu. Omuntu omu yaloota oyo eya aziikiddwa mu namubuuza, 'Kano kawoowo ki? Okwanukulwa kwawebwa, 'Kano kawoowo kakusoma Quran Entukuvu n'okusiiba.'

(Kitāb-ul-Tahajjud-wa-Qayām-ul-Layl, Vol. 1, p. 305, Ḥadīṣ 287)

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu kino tuyiga nti mulimu emikisa mingi egitabalikika mu kusoma Quran Entukuvu, okusiiba, n'ebikolwa ebirala eby'okusinza, ate nti Allah عَزَّوَجَلَّ ateeke entaana z'abantu abamugondera n'aba longoofu okubeera nga zivaamu akawoowo okuva mu kusaasira kwe okutakoma.

16. Omulambo n'eriiso eriyonoonese

Omulongoofu omu رَحِمَهُ اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, 'Omu ku balilwaana bange yali ayogera ebigambo eby'obutakkiriza. Oluvanyuma lw'okufa kwe, namulaba mu kirooto ate nalaba nga alina eriiso

eriyonoonese. Namubuuza, ‘Kiki ekyatuuka wo?’ Yaddamu, ‘Nali nvuma ba Şahābah̄ ab’emikisa, era kati Allah (عَزَّوَجَلَّ) antadde nvumibwe!’ Oluvanyuma lw’okwogera ebyo, yabikka eriiso lye eryayonoonwa n’engalo ye.’ (*Sharḥ-uş-Şudūr*, p. 280)

Buli Sahaba wakuyingira Ejjannah

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Mu kyafaayo kino tuyiga nti kibi nnyo okulondereza obumogo mu ba Sahaba ab’emikisa عَلَيْهِ الرِّضْوَان. Leka okwogera obwoegezi n’olulimi; wabula tolina yadde kulwooza bubu ku ba Sahaba ab’emikisa mu mutima gwo. Ku lupapula 252 olw’ekitabo ky’empapula 1250 ekyafu lumizibwa ekitongole kya Dawat-e-Islami ekifulumya ebitabo, Maktaba-tul-Madinaḥ, ekiyitibwa ‘Bahār-e-Sharī’at’, Mufti Muhammad Amjad ‘Alī A’zamī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yagamba, ‘Ba Sahaba bonna bantu ba birungi n’abulongoofu, era bonna besigwa era benkanya. Kiri Farḍ (kyatteeka) okuboogerako obulungi nga buli lweboogerwaako.

Ye (رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ) yayongera nagamba ku lupapula lwa 254, ‘Ba Sahaba bonna, owawaggulu ennyo mu ddaala n’owawansi ennyo (ate tewali wawansi mu ddaala mu bbo), bakuyingira Ejjannah. Leka okuyingira mu Muliro, teabaja yadde kuwira ddooboozi lya Muliro, ate baja kusigala nga okwagala kwabwe lubeerera. Ebizibu ebinene eby’olunaku lw’enkomerero tebija kubakosa ate ku lunaku olwo malayika zija kubaaniriza, nga zigamba nti luno lw’elunaku lwemwasuubizibwa. Kino

kyogedwako mu Quran Entukuvu. Omwagazi w aba Sahaba ne ba Ahle Bayt (famile ey'emikisa) ba Nabbi Omutukuvu, A'lā Hadrat ﷺ yagamba:

*Ahl-e-Sunnat kā hay bayrā pār Aṣhāb-e-Ḥuḍūr
Najm ḥain aur nāw ḥay, 'itrat Rasūlullāh kī*

*Ba Ahl-e-Sunnat baja kutuuka gyebagenda
Ne ba Sahaba nga ze munyeenye, ate ba Ahle Bayt nga bye
byoombo eby'okutambulira mu*

17. Yasibwa mu kkomera ly'oluzzi olutategerekeka

Shaibān bin Ḥasan yagamba, 'Taata wange ne 'Abdul Wāḥid bin Zayd, baagenda okwetaba mu Jihād (olutalo). Mu lugendo lwabwe baalaba oluzzi olutategerekeka omwaali muva emaloboozi. Baalingiza mu nebalaba omuntu eyali atudde ku ntebe ng'amazzi gakulukutira wansiwe. Baamubuuza, 'Oli muntu oba jinni', naddamu nti 'Muntu'. Bamubuuza, 'Ova wwa?' Yaddamu, 'Anṭākīyah.' Yamala nagamba, 'Ekyafaayo kyange kiri nti nfudde, ate kati nsibiddwa mu kkomera lino ery'oluzzi olw'amabaanja gesaasasula. Newankubadde abantu abamu aba Anṭākīyah banjogerako birungi, tewali yansasulidde mabanja gange' Oluvannyuma, bambi baagenda mu Anṭākīyah, oluvanyuma lw'okukunganya okumanya okwaali kweteegisa, baasasula ebbanja ly'omusajja oyo eyali asibiddwa mu luzzi

olutategeerekeka era nebamala nebaddayo mu kifo ekyo. Kati, omusajja oyo teyaliiwo yadde n'oluzzi olwo! Bwabeebaka mu kifo ekyo oluzzi welwaalinga, baalaba ekirooto omusajja oyo mweyajjira nagamba, 'جَزَاءُ كَمَا اللَّهُ عَقَّبَ خَيْرًا' i.e. Nsaba Allah (عَزَّوَجَلَّ) abawe okusasulwa okunene ennyo okuva gyendi. Oluvanyuma lw'okusasula kw'amabanja gange, Allah (عَزَّوَجَلَّ) antadde mu Jannah.' (*Sharh-us-Şudūr*, p. 267)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

N'omujulizi alina amabaanja tajja kuyingira Jannah okutuusa...

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu kino tuyiga nti ebbaanja kizito kinene nnyo gyetuli. Abo abalwaawo okusasula amabanja gabwe balina okuyiga okuva mu kyafaayo kino, ate mu kifo ky'okwegana omubanja, balina okugenda yo benyini eri ye basasule ebbanja era babeebaze. Kisoboka nti, okulwiisa okusasula okutuusa enkya, okufa kuyinza okujja era nekukusindika mu ntaana yo. Omwagalwa Nabbi صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Ndayira oyo alina obufuzi ku mwooyo gwange! Omuntu bwattibwa mu kkubo lya Allah (عَزَّوَجَلَّ) ate naweebwa obulamu obujja, era naddamu okuttibwa mu kkubo lya Allah (عَزَّوَجَلَّ) ate era naweebwa obulamu obujja, ate ng'alina obuzito bw'amabanja ku

mutwe gwe, tajja kuyingira mu Jannah okutuusa nga amabaanja ge gasasuddwa.’ (*Musnad Imām Aḥmad, Vol. 8, p. 348, Ḥadīṣ 22556*) Omusiraamu bwaafa mu mbeera nti ali mu mabaanja olwo nno abo abenganda be balina okusasulirawo amabanja ge gonna, wasobole okubeerawo obwaangu mu ntaana y’omufu oyo. Nabbi Ow’emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Tewali kubuusabuusa, mukwaano gwammwe aziyiziddwa ku mulyango gw’eJannah kulw’amabanja ge. Bwemuba mwagala musobola okumusasulira amabanja ge, ate bwemuba mwagala muyinza okumusindika (oyo omufu eyewola) eri ekibonerezo.’ (*Al-Mustadrak, Vol. 2, p. 322, Ḥadīṣ 2260-61*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Okulangirira nga Ṣalāt-ul-Janāzah tennaba kuyimirizibwa

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Kirungi nnyo bwekiba nga Imām oba ow’oluganda omusiraamu akola ekirangiro kino nga Ṣalāt-ul-Janāzah tennaba kuyimirizibwa: Ab’enganda n’emikwaano gy’omugeenzi, tubasaba okuwuliriza bino n’obwegendereza. Omugeenzi bwaaba nga yali abanyiizizza oba nga abayisiza bubi tubasaba mu musonyiwe. إِنَّ شَاءَ اللهُ عَزَّوَجَلَّ, omugeenzi ajakuganyulwa mu ate naawe ojakuweebwa empeera. Omugeenzi bwaaba nga wali

omubanja essente zonna ate n’omusonyiwa, **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ** naawe ojakusonyiyizibwa. Oluvanyuma lwa kino Imām alina okwogera ku Niyyat n’engeri ya Ṣalāt-ul-Janāzah.

18. Amaaso geggulira mu ntaana

Sayyidunā Abū ‘Alī **عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْوَالِي** yagamba: ‘Nnateeka omubiri gw’omulongoofu omuddu wa Allah mu ntaana, ate bwenasumulula essaanda nenteeka omutwegwe ku ttaka Allah (**عَزَّوَجَلَّ**) abeere ng’amusaasira ku mbeera ye ey’ennaku, omulon goofu oyo yaggulawo amaaso ge nangamba, ‘Ya Abū ‘Alī, oli mukunswaaliza mu maaso g’oyo Omu (Allah **عَزَّوَجَلَّ**) Oyo ampa okusaasira kwe!’ Naddamu, ‘Mukama wnage! Waliyo obulamu oluvanyuma lw’okufa?’ Yaddamu, ‘**بَلْ أَنَا سَمِعْتُ كُلَّ مُحِبِّ اللَّهِ سَمِعَ لَأَنْصُرَنَّكَ بِجَاهِي عَدَا**’ i.e. Ndi mulamu, ate nebuli muntu omwagalwa wa Allah (**عَزَّوَجَلَّ**) ali mulamu. Ku lw’obuyinza bw’amaanyi n’ekitiibwa kyenja okuweebwa ku lunaku lw’enkomerero, nja kukuyaamba.’

(Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, p. 433)

Mikwano gya Allah milamu n’oluvanyuma lw’okufa

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Mu kino tuyiga nti abajulizi ab’emikisa n’emikwaano gya Allah balamu mu ntaana zabwe ate bamanyi buli kimu. A’lā Ḥaḍrat **عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى** yagamba: ‘Allāmah ‘Alī Qārī **عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى** yawandiika mu kunyonyola kwa Mishkāt, ‘Mu mateeka tewali jawulo wakati w’embeera zombie (i.e obulamu oba okufa) ez’emikwaano gya Allah. Ku

Iw'ensoonga eno kigambibwa nti tebafa, wabula bayita buyisi mu boddo obumu nebadda mu bulala. (*Fatāwā Razawīyah, Vol. 9, p. 433; Mirqāt-ul Mafātīh, Vol. 3, p. 459, Ḥadīṣ 1366*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

19. Ekigere ky'embogo bwekyesogga mu ttaka

Okusala omuddo okuva ku malaalo n'ogutwaala kikirizibwa, naye tekikirizibwa mu Shari'ah okuleka ebisolo okutambula n'okuliira ku malaalo. A'la Ḥaḍrat, Imām of the Aḥl-e-Sunnat, Imām Aḥmad Razā Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن yagamba, 'Faqīr ono (ng'ategeeza ye keniyini) yawulira okuva ku mugoberezi we Sayyidi Shaykh Abū-ul-Hussayn Nūrī مَدَدِلَّهُ تَعَالَى nti waaliwo ekifo ekimu ekyali kiyitibwa Ganj-e-Shahīdān (ekibanja awali amalaalo agawamu omwaziikibwa abajulizi) mu nsiko kumpi ne Māreḥarāḥ Muṭahrah (India), omusajja mweyali atwaala embogo ye.

Olunaku lumu waaliwo ekifo ekigonvu mu ttaka era mu butanwa, ekigere ky'embogo kyesogga mu ttaka ate nekizuulibwa ti waaliwo entaana mu kifo ekyo. Eddoboosi lyawulikika okuva mu ntaana eeyo, 'Musajja ggwe! Onnumiza, ekigere ky'embogo yo kirinye ku kifuba kyange.' (*Fatāwā Razawīyah, Vol. 9, p. 453*)

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Ku kino tuyiga nti abajulizi balamu ate emibiri gyabwe gisigala nga mikuume mu ntaana.

20. Okulabula eri oyo atuula ku ntaana

‘Umārah bin Ḥazm رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Nabbi Ow’emikisa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yandaba nga ntudde ku ntaana nagamba, ‘Owange ggwe ali ku ntaana! Vaayo waggulu w’entaana. Tolumya baziikidwa era tolumizibwa ku lulwe.’ (*Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, p. 434*) Okuva mu kyafaayo kino ekya Madanī, abo abagenda n’emikolo gy’okuziika mu malaalo ate nebatuula ku ntaana mu bulagajavu mu kuziika balina okwegendereza.

21. Yawulira eddoboosi bweyalinya ku ntaana

Ḥaḍrat Sayyidunā Qāsīm bin Mukhīmar رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba: Omusajja yalinya ekigere kye ku ntaana, eddoboosi lyava munda wayo nga ligamba, ‘إِلَيْكَ عَيْتِي وَلَا تُؤَدِنِي’ i.e. Vaawo tonnumya! (*Fatāwā Razawiyyah, p. 452; Sharḥ-uṣ-Ṣudūr, p. 301*)

22. Eyali aziikidwa yayogera noyo eyali yebase ku ntaana

Sayyidunā Abū Qilābah رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba, ‘Nali ntambula okuva Syria okutuusa Baṣrah (Iraq), era olunaku lumu nagenda mu kinya ekimu, nenfuna Wuḍu nensaala Rak’ah bbiri eza Nafl Ṣalāh. Nawummuza omutwe gwange ku ntaana neneebaka.

Bwenazuukuka, nawulira oyo eyali aziikidwa munda mu ntaana nga yemulugunya ng’agamba, ‘لَقَدْ اَدْبَيْتَنِي مِنْذُ اللَّيْلَةِ’ i.e. Onnumiza ekiro kyonna. Tumanyi naye tomanyi, naye tetulina buyinza ku mirimu. Rak’ah ebbiri eza Nafl Şalāh zosadde zisiinga ensi yonna nabuli kimu ekigirimu.’ Yayongera nagamba, ‘Nsaba Allah (عَزَّوَجَلَّ) awe empeera abo abalamu kulwaffe kubanga bwebatusindikira Şawāb, etuyingirira nga ensozi z’ebitangaala.’

(Fatāwā Razawiyyah, p. 452; Sharḥ-uş-Şudūr, p. 305)

23. Zuukuka! Onnumya!

Sayyidunā Ibn-e-Minā Tābī’ī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yagamba, ‘Lumu, nagenda mu malaalo, nasaala Rak’ah bbiri nengalamira kungulu ku ntaana. Ndayira Allah! Nnali nzukuse ddala bwennawulira eyaziikibwa ng’agamba, ‘لَمْ فَكَّدْ اَدْبَيْتَنِي’ i.e. Zuukuka! Onnumya!’ *(Dalāil-un-Nubūwwah, Vol. 7, p. 40)*

Okulinya ku ntaana kiri Ḥarām

Abagalwa a’oluganda abasiraamu! Mu byafaayo 21, 22, ne 23 tuyiga nti okulinya oba okwebaka ku ntaana kirimya abaziikidwa mu. Kiri Ḥarām ate kikulwa ekitwaala omuntu mu geyeena (Omuliro) awatali lukusa lwa Shar’i. Nolw’ekyo tolinya kigere kyo ku ntaana y’omusiraamu yenna, togirinnyirira, togituula ko, ate togyesigamira ko, kubanga

kino kyaziyizibwa Nabbi Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ. Wano waliwo ebigambo bibiri ebya Nabbi wa Raḥmah, Omu wolereza wa Ummah Nannyini Jannah صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ:

1. Kinsingira okutambula ku nnimi z'omuliro, oba obwoogi bw'ekiso oba ebigere byange bitungibwe ku ngato zange naye nga sitambulide ku ntaana ya musiraamu. (*Sunan Ibn-e-Mājah, Vol. 2, p. 250, Ḥadīṣ 1568*)
2. Kisingira omuntu okutuula ku nnimi z'omuliro okutuusa bwegwookya engoye ze negutuuka ku ddiba lye naye nga tatude kungulu ku ntaana. (*Ṣaḥīḥ Muslim, p. 483, Ḥadīṣ 971*)

Kiri Ḥarām okutambula mu kkubo erikoleddwa nga basaanyizaao entaana

Kozesa ekkubo elya buli gyo ely'amalaalo era totambulira mu kkubo erikoleddwa eppya. Kiwandikiddwa mu Rad-dul-Muḥtār: 'Kiri Ḥarām okutambulira mu kkubo erikoleddwa eppya nga mukulikola basaanyizaawo amalaalo.' (*Rad-dul-Muḥtār, Vol. 1, p. 612*) Mu mazima, newankubade olina okubuus abuusa ku kkubo elyo eppya, tekkikirizibwa ate kyonoono okulitambulira ko. (*Dur-re-Mukhtār, Vol. 3, p. 183*)

Kiri Ḥarām okutambulira ku mwaliiro ogwetoolode amasiro nga gukoledwa mu kusanyaawo amalaalo

Kirabwa nnyo ku masiro mangi nti okubudaabuda abagenyi, amakubo amapya n’emyaliiro gikolebwa nga basanyaawo amalaalo g’abasiraamu. Kiri Ḥarām okugalamira, okutam bula, okuyimirira, n’okukola Żikr oba okusoma Quran ku myaliiro nga gino. Fātiḥaḥ erina kusomebwa ku kageendo okuva awo.

Okweyambira kumpi n’entaana

Okuziimba enyumba ku ntaana, okutuula oba okwebaka ku ntaana, okufuka oba okweyambira ku ntaana bikolwa ebiri Makruḥ ddala ennyo ate biri kumpi nnyo ne Ḥarām. Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Omufu atawanyizibwa mu ntaana n’ebyo ebintu ebiyinza okumutawaanya mu maka.’ (*Al Firdaus bimāšur al-Khaṭṭāb, Vol. 1, p. 120, Ḥadīš 749*)

Omuntu bwaba nga alina okulinya ku ntaana okusobola okuziika omufu olwo...?

Bwoba ng’ogenda ku sima etaana oba okuziika omufu, bwewabaawo amalaalo (entaana) mu kkubo, olwo nno mu mbeera eno ey’obwetaavu olukusa luweebwa okulinya kuntaana. Wabula, newankubade kiri kityo gezaako okwewala kino nga bwosobola ate kikole ng’ebigere byereere (nga

toyambade ngato), nga bwosaba Edduwa z’okusonyiyizibwa eri abafu ab’omu ntaana ezo. (*Fatāwā Razawiyyaḥ, Vol. 9, p. 447*)

Mu mbeera ng’eyo, abantu abo bokka abalina okwetaba mu kuziika be balina okugenda ate teri muntu yade n’omu omulala alina kugendayo. Okugeza, bwekiba nga kiman yiddwa nti abantu basatu bamala olwo nno ow’okuna talina kugenda. Singa abantu abo abasatu bakakibwa okuyimirira ku ntaana olw’obwetaavu, olwo nno balina okukomawo mangu ddala oluvnyuma lw’okuziika era tebalina kusigalayo olwa Azān, Fātiḥāḥ, etc. Awo awakakasibwa nti tewali ntaana eyimiridwaako, Azān ne Fātiḥāḥ bisobola okuso mebwa wo.

Okuteeka ebiwuka swiiti wansi mu malaalo

Ekibuuzo kino n’kwanukulwa kwakyo biwandikidwa ku mpapula 329-348 ez’ekitabo ky’empapula 561, ekyafulu mizibwa ekitongole kya Dawat-e-Islami ekifulumya ebitabo, Maktaba-tul-Madinaḥ, ekiyitibwa Malfūzāt-e-A’lā Haḍrat

عَلَيْهِ وَسَلَّمَ الرَّحْمَنُ:

Ekibuuzo: Kulamula ki okuli ku kutwaala swiiti oba sukaali mu malaalo n’omubiri gw’omufu okuliisa ebiwuka?

Okwanukula: ‘Mu ngeri y;emu abamanyi ab’ebitiibwa bweba gaana okutwaala omugaati mu malaalo, kyekimu ekikwaata

ku swiiti. Okuteeka engano, swiiti, oba sukaali n'ekiru birirwa nti ebiwuka ebyo tebija kuskoza mubiri gw'omufu kya butamanya obweyolefu. Newankubade nga tolina kiru birirwa ekyo, kisinga ko okumugabira abaavu abatya Katoonda mu kifo ky'okumuwa ebiwuka.'

Yamala nagamba, 'Gaba Sadaaqa mu bungi nga bwoyagala mu maka go; kirabwa emirundi mingi nnyo nti mu kugabira Sadaaqa mu bigya, abaana n'abakyaala bawoggana ate nebali nyirira entaana z'abasiraamu.'

Okumaansa amazzi ku malaalo

Ku Shab-e-Barā-at (Nisfu Sha'ban) oba omukolo gwonna ogw'okulambula, abantu abamu bakola akalombolombo k'okumaansa amazzi waggulu w'amalaalo g'omwagalwa (ekikola ekitagasa); kuno kudibuuda ate tekikkirizibwa awatali lukusa n'ansonga mtuufu. Omuntu bwalowooza nti kino kija kuleeta obunyogovu mu ntaana y'omufu olwo nno wamu n'okudibuuda, kino kiraga obutamanya obweyolefu. Tewali kibi mu ku maansa amazzi mangu ddala oluva nyuma lw'okuziika,ate kino kyekisinga obulungi. Mu ngeri y;emu, bwewabaawo ebimera byonna ku ntaana ate amazzi nga gawereddwa olw'ensonga eno olwo nno tewali kibi mu kino. Wabula, kirina okujjukirwa nti entaana bweziba nga zirina okutambuliraakwo okusobola okuwa amazzi olwo

nno omuntu yenna akola kino abeera akoze ekibi, ate mu mbeera bweti, tosasula muntu yenna kukikukolera.

Kulamula ki okuli ku kuziimba enyumba mu bigya ebikadde?

Ebigya bibeera bya Waqf, ate okuzimba enyumba eyiyo ey'okusula mu kubeera kukozeza bubi ebintu by'awamu ate okugikozesa sekinoomu kiri Ḥarām. Olwo nno bwewa baawo entaana mu poloti eyo ey'ettaka, newankubadde nga obubonero bwago buviiridewo ddala, kibeera kunganyizo lya bikolwa ebya Ḥarām, omuli okulinya ku ntaana (ezita manyiddwa), okuzitambulira ko, okuzituula ko, okuzifukira oba okuze yambira ko; byonna Ḥarām. Mu kino mulimu emitawaana mingi eri abasiraamu bano, ate basiraamu banabaki? Abafu tebayinza kwemulugunya ate tebayinza kwesasuzza mu nsi.

Okutawaanya abasiraamu awatali lukusa lwa Shar'ī kiringa okutawaanya Allah ﷺ ne Nabbi We Omwgalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, ate oyo atawaanya Allah ﷺ ne Nabbi We صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ agwaanira kuyingira Geyeena. Mu ngeri y'emu, omuntu bwa nga yazimba enyumba kumpi n'amalaalo, kiri Ḥarām ddala okulokeza amazzi ga mukoka eri amalaal (entaana), ate omuntu ataleka kino, newankubade ng'alina obuyinza okukola ekyo, naye ajakuba nga akola Ḥarām. Okwongera ko, omuntu akiriza kino

olw'omululu gw'esente z'obupangisa alinga akola ddiilu eyalayisi okugula ekifo mu Geyeena (Omuliro). Ebintu bino biyinza ku kolebwa abo bokka abatalaba mugaso nabu lungi bwa busiraamu, abatawa kitiibwa eri basiraamu, abata tya Allah **عَزَّوَجَلَّ**, era abatalina kufaayo ku kufa. **وَالْعِيَّادُ بِاللهِ تَعَالَى**

(Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, p. 409)

Amaguumba bwegalabwa mu malaalo amakade.....?

Entaana bweyeggula olw'enkuba oba ensonga endala yonna ate amaguumba g'omufu negalabwa olwo nno kyateeka okuzibikira entaana n'ettaka. Ku kino, wano waliwo ekibuuzo n'okwanukulwa kwakyo okuva mu Fatāwā Razawiyyah:

Ekibuuzo: Kulamula kki abamanyi b'obusiraamu kwebawa ku mbeera nga entaana enkade yeggudwa, i.e. ettaka lyaayo nga lyeyajulukuse ate amaguumba g'omufu nga galabwa? Mu mbeera eno kikkirizibwa okuzibikira entaana eyo n'ettaka oba nedda?

Okwanukula: Mu mbeera eno, tekikoma ku kubeera nti kikkirizibwa bukirizibwa okuzibokira entaana eyo n'ettaka, wabula kiri Wājib (kya tteeka), kubanga kyetaagisa okubikka omusiraamu. *(Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, p. 403)*

Okulamula ku kuggulawo entaana olw'ekirooto

Olumu omufu aja mu kirooto nagamba, 'Ndi mulamu! Mu nzigyemu!' oba agamba, 'Amazzi gajjude mu ntaana yange, nti mu mitawaana wano, musengule omubiri gwange ewalala' etc. Newankubadde ebirooto bwebiti birabiddwa mu kuddingana, tekikirizibwa ku ggulawo ntaana olw'ekirooto. Mu ngeri yonna, omutnu bwaggula wo entaana olw'ekirooto awatali lukusa lwa Shari'ah ate omubiri gw'omufu negusangibwa nga tegukoseddwa munda w'esa anda, n'akawoowo akalungi nga kavaamu, n'obubonero obulungi obulala, newankubade ebyo byonna oyo aggulawo entaana awatali lukusa lwa Shar'i abeera mukozi wa kibi (mwonoonyi). Ku kino, soma ekibuuzo kino n'okwanukulw aokuva mu Fatawā Razawiyah:

Ekibuuzo: Waaliyo omukyaala eyali eyakamala ebbanga ly'olubuto lyonna, naafa ng'ali lubuto. Yaziikibwa ng'obu lombolombo obwa buli gyo bwebuli, naye omulongoofu omu yalaba mu kirooto kye nti omukyaala yali azadde omwaana omulamu. Kati, okukkiririza mu kirooto ky'om untu oyo, kikkirizibwa okusima entaana eyo okujamu omwaana n'omukyaala?

Okwanukula: Tekikkirizibwa; okujako nga waliwo obujulizi obulabirwa eddala. Ekyama kiri wamu. Ebirooto bya bika

bingi; kiwandikidwa mu Sirājīyah̄ ne mu Ĥindiyyah̄: ‘Emyeezi musaanvu egy’olubuto lw’omukyaala gyaali giyise ate omwaana yali ataambulira mu lubuto. Omukyaala yafa naziikibwa. Omuntu yalaba mu kirooto nti omukyaala yali agamba ‘Nzadde omwaana’; mu mbeera eno entaana teja kusimibwa (kuggulwaawo) *وَاللَّهُ تَعَالَى أَعْلَمُ* i.e. Allah (عَزَّوَجَلَّ) yasinga okumaya. (*Fatāwā Razawīyah̄, Vol. 9, pp. 405-406*)

Soma ekibuuzo kino eky’omugaso ennyo n’okwanukula okukwaata ku kuggulawo (okusima) entaana (amalaalo) okuva mu mpapula 501–503 eza Malfūzāt-e-A’lā Ḥaḍrat:

Ekibuuzo: Entaana teteredwaako nkokozto ate amazzi gagijula mu buli enkuba lwetonya. Kikkirizibwa okuzibikira amazzi mwegayingirira?

Okwanukula: Tewali kibi mu kuzibikira entaana; naye terina kuggulwaawo. Omufu bwaziikibwa ettaka nerimute kerwaako, liba likwasidwa Allah (عَزَّوَجَلَّ), ate tekikkirizibwa ku liggulawo. Kino kiri nti kubanga omufu tali mu mbeera okujjako bbiri mu ntaana; abeera abonerezebwa, oba abeera ali mu ssanyu. Bwaaba nga abonerezebwa, olwo nno amulaba ajakuna kuwazibwa olwakino ate talina kyayinza kumukolera, ate omufu bwaaba nga ali mu ssayu ly’ebengera olwo nno ye (omufu) aja kunakuwazibwa.

Abaana okuzanyira ku malaalo

Omukunganyi wa Malfūzāt-e-A'lā Ḥaḍrat, mutabani wa A'lā Ḥaḍrat Tājdār-e-Aḥl-e-Sunnat, Ḥuḍūr Muftī A'zam Ḥīnd 'Allāmah Muṣṭafā Raza Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن yawandiika mu kunyonyola okwanukula kwa A'lā Ḥaḍrat رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ: 'Faqīr ono (ategeeza ye kennyini) agamba nti singa, مَعَاذَ اللهِ, embeera yesooka (i.e. ey'okubonerezebwa) olwo nno okunakuwala kw'omufu kujakubeera Kunene nnyo, ate okunakuwaza omusiraamu awatali nsoonga kiri Ḥarām, naddala okuta waanya abafu. Okw'ongerako, kikakasibwa mu Ḥadiṣ, 'Omufu atawaanyizibwa n'omutu eyesigama ku ntaana.' Nolw'ekyo, مَعَاذَ اللهِ bwekituuka kukukozesa ensuluulu ku ntaana n'ogu gisima obugya awatali nsoonga, olw'okwagala kw'omuntu kwokka, olwo nno omufu nga anabeera munakuwavu nnyo!

Mu ngeri eyo! Mbeera nga yannaku nnyo ey'ebigya by'aba siraamu ennaku zino! Abantu batuula ku malaalo nebafu weeta hookah (taaba), bakola ebikolwa eby'ob uswaavu, bogera embooji ezitagasa, ate bavuma era nebaseka. Kino tekikolebwa abantu b'eddiini endala bokka; abasiraamu nabo betaba mu bikolwa bino ebinakuwaza. Abaana bazanyira ku malaalo, ate n'endogoyi n'embuzi zeyambirako. وَلَا حَوْلَ وَلَا قُوَّةَ إِلَّا بِاللَّهِ, Abange abasiraamu! Mugulewo amaaso gamwe ku lwa Allah! Nammwe mujakuva ku nsi eno

olunaku lumu. Newankubadde temufuddeyo nnyo ku bafu, waakiri mukole ekibasingira obulungi.’

24. Omuntu eyaggulawo entaana yafuuka muzibe

Waliyo ebibi bingi ebiva mu kugulwawo entaana awatali lukusa lwa Shar’i. Ku kino, kiwandikiddwa ku lupapula 502 olwa Malfūzāt-e-A’lā Ḥaḍrat, ‘Lumu ‘Allāmah Ṭāsh Kubrā Zādaḥ رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yasoma Ḥadīṣ emu eyali egamba, ‘Ettaka ly’entaana terirya mibiri gy’abamanyi.’ Sitaani yamukuba akaama mu mutima gwe, ‘Musomesa wange yali mumanyi munene nnyo. Ggulawo entaana ye olabe embeera kki gyaali mu!’ Akaama ako kamuwangula mu ngeri nti ekiro kimu yagenda mu bigya naggulawo entaana eyo. Yalaba nti n’essaanda yali tekoseddwa nako. Bweyamala okulaba ekyo. Eddoboosi lyava mu ntaana, ‘Olabye! Allah (عَزَّوَجَلَّ) akufuule muzibe!’ Mu kaseera ako keniyini amaaso gange gombi gaaziba.’

25. Omuntu eyaggulawo entaana yaziikibwa mulamu

Mu ngeri y’emu, wano waliwo ekyafaayo ekinakuwaza eky’o muntu eyaggulawo entaana nga takkirizidwa. A’lā Ḥaḍrat رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Lumu omukyaala yafa era naziikibwa. Baawe yali amwaagala nnyo era obwagazi obwo bwamukaka okuggulawo entaana ye alabe embeera kki mukyaala we

gyaali mu. Ekirubirirwa kye yakigamba omumanyi eyamu ziyiza okukikola. Naye, teyamuwuliriza ate yamutwaala mu malaalo. Omumanyi yagezaako nnyo bweyali asobola okumu ziyiza, naye yagenda mumaaso naggulawo entaana nga omumanyi yasigala nga atudde ku nsonda y'entaana.

Omusajja yagenda wansi mu ntaana nalaba nti ebigerere bya mukyaala we byombi byaali bisibiddwa ku nviiri ze. Yateeka mu amaanyi ge gonna okugasumululanaye teyasobola kukikola, kubanga, 'Ani asobola okusumulula ekyo Allah kyasibye'. Omumayi yamuziyiza neera naye teyamuwuliriza. Yateeka mu amaanyi ge omulundi ogw'okubiri, omumanyi namuziyiza neera namugamba nti ekisinga yo obulungi kwekumuleka mu mbeera eyo. Omusajja yaddamu, 'Kanteeke mu amaanyi gange omulundi oguseembayo. Oluvanyuma lw'ekyo, tulabe kiki ekinabaawo.' Yali akyateeka mu amaanyi ge ettaka neriseguka era oyo omusajja omulamu n'omukyaala omufu bombi nebaziikibwa munda mu ttaka.' وَالْعِيَادُ بِاللَّهِ تَعَالَى

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Okulamula kw'okuziikira akaseera obuseera

Abantu bwebafiira ewala okuva ewaka wabwe, oluusi bazii kibwa akaseera obuseera. Oluvanyuma bwewabaawo omukisa ogusobozesa baziikulwa nebaziikibwa ewaka wabwe baziikibwe eyo; okukola kino tekikkirizibwa. Mu kwanukula ekibuuzo

ekikwaata ku kino A'lā Ḥaḍrat رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, 'Kino kiri Harām; tekikkirizibwa kuggulawo ntaana oluvanyuma lw'okuziika.' (*Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, p. 406*)

Okuziika nga tolina lukusa mu poloti y'omuntu

Omuntu yenna bwaziika omuntumu poloti y'ettaka awatali lukusa lwananyini, olwo nno nanyini alina obuyinza n'edembe okuziikula omubiri ogwo, okusabaala ettaka, okuzimba ku ttaka eryo, okulundira ku ttaka eryo, n'oku kolerako nga bwayagala. Mu ngeri eno, abamanyi ab'e kitiibwa aba Fiqh (Amateeka g'obusiraamu) bagamba, 'Omufu talina kuziikulwa okuvanyuma lw'okuziikibwa, okujjako nga kutuukiriza ddembe lya muntu. Okugeza, bwekiba nga yaziikibwa ku ttaka eriwambiddwa olwo nno nanyini alina obuyinza okuziikula omubiri ogwo oba okusabaala ettaka eryo.' (*Fath-ul-Bārī, Vol. 3, p. 170*)

Mu kuddamu ekibuuzo ekikwaata ku kino, oluvanyuma lwokunokola mu Jizyaḥ (Corollary), A'lā Ḥaḍrat رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, nga ayita nanyina ttaka eri obulongoofu, 'Eno yennamula y'abamanyi ba Fiqh (i.e. waliwo olukusa mu Sharī'ah okukola kino), naye omusiraamu alina okubeera owkisa mu mutima, era nga wa kisa eri abasiraamu abalala, naddala abafu. Allah عَزَّوَجَلَّ agamba:

رُحَمَاءُ بَيْنَهُمْ

Basaasirwa ngana wakati wabwe.

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 26, Al-Fath, Verse 29)

Singa asonyiwa ekikola kino (nakkiriza omubiri oguzii kiddwa awatali lukusa mu ttaka lye) olwo nno Allah عَزَّوَجَلَّ naye ajakumusomyiwa ebibi bye (nanyini ttaka):

ط
أَلَا تَحِبُّونَ أَنْ يَغْفِرَ اللَّهُ لَكُمْ

Temwagala Allah (عَزَّوَجَلَّ) abasonyiwe?

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 18, Sūrah Al-Nūr, Verse 22)

Bwakola ekirungi eri muganda we eyafa olwo nno Allah عَزَّوَجَلَّ ajakumuwa ebyengera bye: ‘كَمَا تَدْرِيْنَ تُدَانُ’ i.e. Nga bwokola, nabwekityo kyekimu ekija okukolebwa ku ggwe. Bweyewala okubikkula ekyamaa ky’omusiraamu olwo nno Allah عَزَّوَجَلَّ naye ajakukweeka ensobi ze: ‘مَنْ سَتَرَ سَتَرَهُ اللَّهُ’ (i.e. Oyo yenna abikikirira omuntu, Allah ajakumubikirira). Bwawa ekitiibwa eri entaana ya mugandawe olwo nno Allah عَزَّوَجَلَّ aja kumuwa omukisa gw’ekitiibwa mu bulamu bwe n’emu kufa kwe: ‘اللَّهُ فِي عَوْنِ الْعَبِيدِ مَا كَانَ’ ‘الْعَبِيدُ فِي عَوْنِ أَحْبَبِهِ’ (i.e. Allah ayamba omuntu ebbanga lyamala nga

ayamba mugandawe). وَاللَّهُ تَعَالَى أَعْلَمُ (Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, pp. 379-380)

Kiki ekirina okukolebwa singa essence ziziikibwa n'omufu?

Essence z'omuntu oba ekintu kyonna ekyebbeeyi bwekiz iikibwa n'omufu olwo nno kikirizibwa okuggulawo entaana okubijamu. Ku kino, abamanyi ba Fiqh bagamba, 'Singa musika w'omukyaala omu yaziise omukyaal oyo wamu n'ebyokwewunda bye nga abasika abalala tebaliwo, olwo nno abasika abo abalala bakkirizibwa okuggulawo entaana. Singa essence z'omuntu zagudde mu ntaana najjukira oluvanyuma lw'okubikka entaana n'ettaka olwo nno kikkirizibwa okuggulawo entaana okubijamu, newankubadde nga byamu wendo gwa dirihamu emu.' (Fatāwā 'Ālamgīrī, Vol. 1, p. 167)

Ebimuli bya Madanī 14 ebikwaata ku kulambula amalaalo

1. Okulambula amalaaŋo g'abasiraamu kya Sunnah ya Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ ate okulambula amasiro ag'emikisa aga ba Auliyā n'abajulizi kiri mu empeera nyingi nnyo. Okubasindikira Šawāb kikulwa ekireta Šawāb. (Fatāwā Razawiyyah, Vol. 9, p. 532)

Engeri y’okutuusa ekilamuso mu malaalo

1. Yimirira kumpi n’entaana mu ngeri nti omugoongo gwo gutunude mu Qiblaḥ ate nga feesi yo etunude eri omutwe gw’entaana. Olwo, tuusa ekilamuso nga bwekiri mu Ḥadiṣ eno eya Tirmizī:

السَّلَامُ عَلَيْكُمْ يَا أَهْلَ الْقُبُورِ
يَغْفِرُ اللَّهُ لَنَا وَلَكُمْ أَنْتُمْ سَلَفُنَا وَنَحْنُ بِالْآثِرِ

Okuvvunula: Salām ebeere kummwe, Abage mmwe abantu b’entaana! Allah atusonyiwe namwe abasonyiwe. Mutusoose okujja wano ate ffe ababagoberera. (*Jāmi’ Tirmizī, Vol. 2, p. 329, Ḥadiṣ 1055*)

Edduwa okufuna okusabirwa okw’okusonyiyizibwa okuva ku buwumbi bw’abantu abafu

1. Oyo yenna ayingir aebugya nasoma edduwa eno:

اللَّهُمَّ رَبَّ الْأَجْسَادِ الْبَالِيَةِ وَالْعِظَامِ النَّخِرَةِ الَّتِي خَرَجَتْ مِنَ الدُّنْيَا
وَهِيَ بِكَ مُؤْمِنَةٌ أَدْخِلْ عَلَيْهَا رَوْحًا مِنْ عِنْدِكَ وَسَلَامًا مِئِي

Translation: Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ! Katonda w’emibiri ekiweddedwo n’amagumba agavuunze! Teeka okusaasira kwo eri abo

abavudde mu nsi eno mu mbeera y’obukkiriza ate bawe Salām yange.

Olwo nno abakkiriza bonna abaafa okuva ku Sayyidunā Adam عَلَيْهِ السَّلَام okutuusa ku kaseera k’okusaba okwo bonna bajakusabira oyo asabye asonyiyizibwe. (*Sharḥ-uṣ-Ṣudūr*, p. 226)

2. Bwoba ng’oyagala okutuula kumpi n’entaana alina okwegendereza ekitiibwa ky’oyo aziikidwa era atuule n’empisa. (*Durr-e-Mūkhtār*, Vol. 3, p. 179)

Ebiseera ebisinga obulingi okulambula ebigya (amalaalo)

1. Ennaku ennya ezisunga obulungi okulambula ebigya ze zino: Balaza, Olw’okuna, Olw’okutano n’olwomukaaga. (*Fatāwā ‘Ālamgīrī*, Vol. 5, p. 350)
2. Okulambula ebigya kumakya kw’olunaku olw’okutaano oluvanyuma lwa Ṣalāḥ-tul Fajr kisingayo obulungi. (*Fatāwā Razawīyyah*, Vol. 9, p. 523)
3. Tolambula malaalo wekka ekiro. (*Fatāwā Razawīyyah*, Vol. 9, p. 523)
4. Kirungi nnyo okulambula ebigya mu biro ebitukuvu, naddala Shab-e-Barā’at (i.e. Nisfu Sha’ban). (*Fatāwā ‘Ālamgīrī*, Vol. 5, p. 350)

5. Mu ngeri y’emu, nakyo kirungi nnyo okulambula ebigya ku nnaku entukuvu nga Eidayn (Eid-ul-Fiṭr ne Eid-ul-Aḏḥā), nga kkumi olwa Muḥarram n’ennaku ekkumi ezisooka eza Zul-Ḥajjāh. (*Fatāwā ‘Ālamgīrī, Vol. 5, p. 350*)

Okukoleeza akabaani/Awudi (Agarbattī) ku ntaana

1. Tokoleeza kabaani/awudi kungulu kw’entaana kubanga kino kityoboola ekitiibwa ky’omufu ate kibatawaanya. Omuntu bwaba nga aluubirirwa akawoowo akalungi eri abageyi olwo nno alina okuboleereza mu kifo ekitalimu ntaana ewala okuva ku ntaana, kubanga okusasaanya akawoowo akalungi kikulwa kirungi nnyo.

(Fatāwā Razawīyah, Vol. 9, p. 482)

Okuteeka omusubbaawa ku ntaana

Toteeka ttaala oba tokoleeza musubbaawa kubanga guno muliro ate okuteeka omuliro ku ntaana kitawaanya omufu. Bwoba ngatolina tooci enkyajinge, ate nga tewali yadde kitangaala kya ttaala lya ku kkubo erya gavumenti oba bweriba nga teririko, ate ng’oyagala ekitanagaala okutam bula ku kkubo oba okusoma Quran Entukuvu mu kizikiza ky’ekiro olwo nno oyinza okuteeka omusubbaawa oba

ettaala mu kifo ekikalu ku sayidi emu ey’entaana, ku kakwakkulizo nti ekifo ekyo ekikalu tekiri ekyo ekyaalimu entaana gyebuyise esanyizidwa.

2. A’lā Ḥaḍrat yanokola , ‘Kigambibwa mu Ṣaḥīḥ Muslim nti mu kiseera ky’okufa kwe Sayyidunā ‘Umar bin Al ‘Ās رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba mutabaniwe, ‘Bwenfa tokkiriza mukyaala akaaba kugoberera mulambo gwange yadde muliro gwonna.’ (*Ṣaḥīḥ Muslim, p. 75, Ḥadīṣ 192; Fatāwā Razawīyyah, Vol. 9, p. 482*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Ebikwata ku ntaana etamanyiddwa oba ya musiraamu oba atali musiraamu

1. Embeera y’entaana bweba nga temanyiddwa oba ya musiraamu oba teli ya musiraamu, tekikkirizibwa ku gilambula oba okusomerayo Fātiḥah. Kiri Sunnah okulambula entaana y’omusiraamu Muslim ate kiri Mustahab (kikubirizibwa) okusomeryo Fātiḥah, ate kiri Ḥarām okulambula entaana ya Kāfir ate kiri Kufr okumukolera Īṣāl-e-Ṣawāb.

(*Fatāwā Razawīyyah, Vol. 9, p. 533*)

2. Tewali kibi mu kweterekerera essaandayo, naye tekirina makulu okusima entaana ogitegekere gyebujja kubanga teri amanyi gyanafiira. (*Fath-ul-Bārī, Vol. 3, p. 183*)

Ensonga emu ey'okufuna okuwanirirwa

Mu kiseera kya Nabbi Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, waaliwo ab'oluganda babiri. Ku bano ab'oluganda ababiri, omu yali ajja eri Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ (okusobola okufuna okumanya kw'obusiraamu). Ow'oluganda omulala yali mupakasi.

Olunaku lumu, mugandawe omupakasi, yemulugunya ku mugandawe eri Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ (nti atadde obuziti bwonna obwokufuna ensimbi ku nze, ate alina okunyamba mu kukola/okupakasa). Nabbi wa Raḥmah, Omuwolereza wa Ummah, Nanyini Jannah صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yaddamu, **لَعَلَّكَ تُرَزَقُ بِهِ** i.e. Kiyinza okuba nga ofuna okuwanirirwa ku lulwe. (*Jāmi' Tirmizī, Vol. 4, p. 154, Ḥadīṣ 2352; Ash'at-ul-Lam'aāt, Vol. 3, p. 262, Chapter 3*)

صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

Okufuuka omulongoofu era omusiraamu asaala e Salah

Mala ekiro kiramba mu Ijtimah eyagaza Sunnah ey'abuli wiiki eya Dawateislami etegekebwa buli Lwakuna oluvanyuma lwa Salat-ul-Maghrib mu kibuga kyo, okufuna okusiimibwa kwa Allah (عَزَّوَجَلَّ) n'ekigendererwa ekirungi. Okuyiga e Sunnah, kifuule kyabuli gyo okutaambula ne **Madani Qafilah** z'ennaku 3 buli mweezi n'abagaazi ba Rasul, okujjuzaamu akatabo ka **Madani In'amaat** buli lunaku ng'okola **Fikr-e-Madinah** era okawe oyo ow'oluganda abuvunanyizibwakwo mu kifo kyo ku lunaku olusooka mu buli mweezi ogwa Madani.

Eki ruubirirwa kyange ekya Madani: “Nnina okulafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna, **إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.” Okuloongoosa emyooyo gyafe, tuyina okukolera ku **Madani In'amaat** ate okuloongoosa abantu b'ensi yonna, tuyina okutaambula ne **Madani Qafilah** **إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.



Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 1262

Web: www.dawateislami.net | E-mail: translation@dawateislami.net